# KWE KUVAAYO KW'ENJUBA

Leka tukoteke emitwe gyaffe. Ayi Mukama, nga bwe tukuŋŋaanye wano ku makya gano amalungi aga Paasika, nga tulaba obutunsi nga bututunukayo, enjuki nga zibuuka ziyingira okufuna omugabo gwazo, ebinyonyi nga biyimba essanyu lijula okubitta, kubanga waliwo Paasika. Tukkiriza nti Wazuukiza Yesu okuva mu bafu, emyaka mingi egiyise, olwa leero, era tujaguza olunaku luno olw'ekijjukizo.

2 Era tusaba wabeewo Paasika mu makkati gaffe ffenna, olwa leero. Tusaba ffe, nga abaweereza Be, tutegeere Ekigambo Kye, nti twali mu kussa ekimu Kwe mu kiseera ekyo, era nti kati twazuukira wamu Naye era tutudde wamu mu bifo eby'omu Ggulu.

3 Wa omukisa olukuŋŋaana wano mu kkuŋŋaaniro, na buli wamu wonna gye lutuuka, okuyita mu lukomo lw'essimu luno.

4 Wonya abalwadde bonna n'abanyigirizibwa. Tusaba ebeere Paasika gye bali, nabo, era kubeere okuva mu ndwadde okudda mu maanyi. N'abo abaafiira mu kibi n'okwonoona, tusaba babeere balamu leero okuyita mu Kristo. Naffe tunaakutendereza, kubanga tukisabye mu Linnya Lye. Amiina.

5 Mazima ddala guno ngutwala okuba nga mukisa ogw'amaanyi ennyo, enkya ya leero okukomawo wano mu Jeffersonville, mu Indiana, n'ekibiina ky'abantu kino ekinene bwe kiti, nga ekkanisa ekubyeko nga abalala bayimiridde, okwetoloola wonna ne wabweru, n'awasimbibwa ebidduka na buli wamu. Eri mmwe abayungiddwa ku ssimu okwetoloola eggwanga, makya malungi nnyo wano we tuli.

6 Ku ssaawa kkumi n'emu ku makya ga leero, mukwano gwange omulungi alina ekifuba ekimyufu yabuuse n'ajja ku ddirisa n'anzuukusa. Kyalabise nga omutima gwe ogwabadde gwagala okwabika, nga gukuba nti, "Azuukidde." Bulijjo ndowoozezzanga ku kanyonyi kano nga nkatwala nga mukwano gwange, kubanga nkaagala.

7 Nga olugero olukoogerako bwe lugamba nti, "Akanyonyi aka langi eya kitaka kaamulaba nga abonaabona ku musalaba, ekibi kwe kyali kimutadde." Weewaawo, akanyonyi ko tekaalina kibi. Yali teyeetaaga kufiirira kanyonyi. "Naye kaabuuka ne kagwa ku musaalaba ne kagezaako okusikamu emisumaali, nga kakozesa akamwa kaako, ekyakaviirako ekifuba kyako kyonna okufuuka ekimyufu." Nange, ekifuba kyange bwentyo bwe njagala kibeere, nga engabo, nga ngezaako okukuuma Ekintu kino eky'ekitiibwa kye Yafiiririra.

8 Nga bwe tukimanyi nti tulina ekiseera kitono nnyo wano, nnaddala eri mikwano gyaffe abo abawuliriza okuyita ku lukomo lw'essimu luno, enkya ya leero njagala mbalage e—ekifaananyi ekyakwatibwa kamera gye buvuddeko, eky'okwolesebwa kwe nnafuna wano mu kkuŋŋaaniro, okw'okusenguka okuva mu Indiana, okugenda mu Arizona; gye nnali ow'okusisinkana, Bamalayika musanvu, mu kikula kya piramiidi. Nga simanyi kyali kigenda kubaawo oluvannyuma, bwe nnatuukayo, nga ndowooza nti ye yali enkomerero y'obulamu bwange, kuba nnalowooza nti tewaali muntu yenna yali ayinza kusimattuka kubwatuka okwo; era nkakasa emboozi eyo mwenna mugimanyi. Naye mba ndi mu Sabino Canyon, lumu ku makya agamu nga gano, nga ndi mu kusaba, waaliwo ekitala ekyateekebwa mu ngalo zange, eddoboozi ne ligamba nti, "Kino kye Kigambo, era ky'Ekitala eky'Ekigambo."

9 Oluvannyuma, Bamalayika ne balabika nga bwe kyali kyalagulwa. Era mu kiseera kye kimu, Ekitangaala ekinene ne kiva we nnali nnyimiridde, ne kitumbiira mayiro amakumi asatu waggulu mu bbanga, n'okwetoloola enkulungo, nga kiringa ebiwaawaatiro bya Bamalayika, ne kikola mu bbanga ekifaananyi kya piramiidi mu kibinja kye kimu ekya Bamalayika abaalabika.

10 Bannasayansi ekifaananyi ekyo baakikuba, okuviira ddala eri mu Mexico, nga bwe kyajja kitambula okuva mu bukiikakkono bwa Arizona, Omwoyo Omutukuvu gye yagamba nti gye ndiba nnyimiridde mu, "mayiro amakumi ana mu bukiika bw'obukiikakkono bwa Tucson." Ne kigenda mu bbanga, era ebifaananyi ebyo ne bifulumira mu katabo akayitibwa *Life* magaziini n'omutwe ogugamba nti, "Ekintu ekyewuunyisa mu bwengula, awatayinza kubeera lufu, awatayinza kubeera lufu lwa kintu kyonna; nga kiri mayiro amakumi asatu waggulu mu bbanga, era nga kiriko obugazi bwa mayiro amakumi abiri mu musanvu," era nga kyaviira ddala waggulu wali Bamalayika bali we baali.

11 Kaakati, babuuza, nga baagala okumanya. Bannasaayansi, omu ku bo okuva mu Tucson, yambuuza nga ayagala okumanya amakulu gaakyo, naye ssaabagamba. Mmwe mwenna mwakimanya, nnali nnakibagamba nga tekinnabaawo. Naye tekyali kyabwe; kyali kyammwe.

12 Kale bw'atyo n'Ayogera nange, n'aŋŋamba nti, "Obubonero Omusanvu bugenda kubikkulwa. Ebyama omusanvu, ebyama eby'emirundi omusanvu ebya Bayibuli, ebyali byabikkibwako okuva ku kutondebwa kw'ensi, bijja kubikkulibwa." Era ffe, akabinja akatono ak'abantu ba bulijjo, bw'otugeraageranya n'ensi yonna, tunyumiddwa emikisa gino, nga tuwulira ebyama ebyo. Obufumbo, okwawukana, ezzadde ly'omusota, ebibuuzo bino byonna eby'enjawulo, bitubikkuliddwa mu bujjuvu, nga tebibikkulwa muntu, wabula Katonda, Yennyini, y'abikkudde

ebyama ebyo omusanvu; ebiraga Ekkanisa kye yali, nga bwe Yali mu Kristo ku lubereberye, n'engeri gye Yali ey'okubikkulibwa mu nnaku ez'oluvannyuma.

13 Era kati, kino bwe kyatumbiira waggulu, ekifaananyi ekyo tukirina wabweru ku lubaawo. Naye, kati, ekifaananyi ekyo nkirina wano eno, bwe weetegereza obulungi, nga *Life* magaziini bwe yakifulumya. Naye simanyi oba nga ekibiina ky'abampuliriza, be ndabako wano, ddala baali balabye ekifaananyi ekyo, mulaba, mulaba, nga bwe kirina okuba.

14 Mujjukira, nnali mbuulira okwolesebwa kuno we kwajjira, bwe twali ku ky'okuyigako eky'Ekitabo ky'Okubikkulirwa, nga abalamuzi ab'edda, we twalaba Yesu mu Kubikkulirwa essuula 1. Bwe twatanula okubikkula Obubonero Omusanvu. . .manya e—manya, ntegeeza Emirembe gy'Ekkanisa, nga Obubonero Omusanvu bunaatera okubikkulwa. Kristo yali ayimiridde nga alina "enviiri nga ziringa ebyoya by'endiga, nga njeru." Era ekyo nnakibannyonnyola, ne mbagamba nti abalamuzi ab'edda Abangereza, n'abalamuzi ab'edda ennyo, bwe baagendanga awali entebe, okulayizibwa, obuyinza bwabwe obw'oku ntikko bwabaweebwanga. Era baayambalanga wiigi enjeru, nga bwe yali, ku mitwe gyabwe, okulaga obuyinza bwabwe obw'oku ntikko.

15 Kale, singa mukyusa ekifaananyi kino bwe *muti* ne mukyekkaanya, ndowooza musobola okukiraba eyo mu kibiina, nti ye Kristo. Mulaba amaaso Ge nga gatunudde *wano,* bulungi nnyo ddala; nga ayambadde wiigi enjeru eya Katonda Ow'oku ntikko era Omulamuzi w'eggulu n'ensi. Amaaso Ge mugalaba, n'ennyindo, n'akamwa Ke? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mukyuse bukyusa ekifaananyi okuva mu kubeera *bwe kiti*, nga bwe baakikuba; mukikole *bwe muti*, nga bwe kiteekeddwa okuba. Era mu. . .Kati mukiraba? ["Amiina."] Ye Mulamuzi Ow'oku ntikko. Tewali mulala yenna okuggyako Ye. Era obwo bukakafu ddala bwennyini nate era, obukakasa nti Obubaka buno ge Mazima. Gano ge Mazima. Kituufu. Era tekimufuula Muntu wa kusatu, wabula ye Muntu yekka!

16 Wamu n'ekyeru, olaba, mulaba wano awaddugavu, obwenyi Bwe, ekirevu Kye, n'amaaso Ge. Era mwekkaanye, Atunudde. . .Mu Ye avaamu Ekitangaala kino ekyakaayakana ku mukono ogwa ddyo, gy'Atunudde. Era ku musalaba, eyo gye Yatunula, yatunula ku mukono ogwa ddyo, bwe Yali asonyiwa omwonoonyi. Mu Musana ogw'okuzuukira Kwe, tukyagenda mu maaso mu Linnya Lye.

17 Singa, amakya ga leero, mbadde n'obudde obumala—ne mbukozesa okunyonnyola ekintu kino ekyewuunyisa ekitaliiko kubuusabuusa kwonna, ekikakasiddwa okumala emyaka amakumi asatu egiyise, oba asatu mu etaano, wano wennyini mu kkanisa eno; okuva emmanga ku mugga, Ekitangaala

ekyo kye kimu bwe kyakka wansi wano mu Jeffersonville, mu 1933, eddoboozi ne lyogera ebigambo ebyo nti, "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja kwa Kristo okw'omulundi ogwasooka, Obubaka bwo bujja kukulembera okw'okubiri." Tuli mu kiseera kya nkomerero, era tukiraba. Oluusi twewuunya lwaki tebubunye nsi yonna; ob'olyawo ekyo lumu tulifuna akakisa okukinnyonnyola, nga Katonda ayagadde.

18 Kati njagala mubikkule mu—mu Bayibuli zammwe, nga bulijjo bwe tukkiriza nti Ekigambo kye kirina okusooka, okusomebwa kw'Ekigambo. Ekyo bulijjo nkisoma, kubanga Ki . . . Ebigambo byange kigambo kya muntu, kijja kulemererwa; naye Ekigambo kya Katonda tekisobola kulemwa.

19 Kati tugenda kubaako ekitundu kye—kye tusoma, okuva mu Byawandiikibwa Ebitukuvu. Era twagala mubikkule, okusooka, mu bifo bisatu mu Bayibuli, bye nnonze okusomamu. Ekimu ku byo kiri mu Kubikkulirwa, essuula 1, n'olunyiriri olw'e 17 ne 18; wano we Yalabikira nga "Enviiri Ze zitukula nga ebyoya by'endiga; n'ebigere Bye nga bifaanana nga ekikomo ekizigule." Ekirala njagala mubikkule, mu Bayibuli zammwe, Abaruumi 8:11. Enkya ya leero, nnonze, ebitundu bisatu eby'okusoma, okuva mu Byawandiikibwa Ebitukuvu, ku lw'Obubaka bwange olwa leero, Mukama bw'atadde ku mutima gwange ku lw'amazuukira. Era njagala mubikkule, ne, Makko 16:1 ne 2. Awo we ŋŋenda okujja—eky'okwogerako kyange.

20 Kati mu Kubikkulirwa 1:18, tusomawo Ebigambo bino, olw'e 17 n'olw'e 18.

> *Bwe nnamulaba, ne ngwa ku bigere bye nga afudde. N'anteekako omukono gwe ogwa ddyo, n'ayogera nti, Totya;* kubanga Nze *ow'olubereberye era ow'enkomerero:*
>
> *Era omulamu, era nnali nfudde; era, laba, ndi mulamu emirembe gyonna, Amiina; era nnina ebisumuluzo* by'okufa n'amagombe.

21 Ate mu Abaruumi essuula ey'o 8 n'olunyiriri olw'e 11, tusomawo bino.

> *Naye oba nga Omwoyo gw'oyo eyazuukiza Yesu mu bafu atuula mummwe, oyo eyazuukiza Kristo mu bafu era n'emibiri gyammwe egifa aligifuula emiramu ku bw'Omwoyo gwe atuula mummwe.*

22 Kati ne mu Makko essuula ey'e 16, essuula ey'okuzuukira, essuula ey'e 16, olunyiriri 1 n'olw'o 2.

> *Awo ssabbiiti bwe yaggwaako, Malyamu Magudaleene,* nnyina . . . *ne Malyamu nnyina Yakobo, ne Saalome, ne* baleeta *ebyakaloosa, bajje bamusiige.*

*Awo bwe bwakya enkya ku lunaku olusooka mu wiiki,*
*enjuba bwe yali yakavaayo ne bajja ku ntaana.*

23 Kati, eky'okuyigirizaako kyange enkya ya leero, njagala okukiwa omutwe ogugamba nti: *Kwe Kuvaayo Kw'Enjuba*. Ate ku lw'ekyokuyigako, njagala nkozese, "Amaanyi agazuukiza."

24 Kati, mumanyi, ob'olyawo mubadde muwulira ku leediyo n'abaweereza ab'enjawulo nga boogera. Wamu ne Muganda waffe omwagalwa Neville enkya ya leero bwe yabuulidde ku ky'okuyigako kye ekya Paasika, nga abuulira ku kuzuukira. Naye nnalowoozezza nti ob'olyawo nze nnaakikwata mu—ngeri eyawukanamukko, si kwagala kubeera wa njawulo, naye kwagala kubaako akantu akalala ke nyongerako, ob'olyawo okuva ku luuyi olulala, ku lwammwe. Ebyawandiikibwa, buli ludda lw'okwata mu Byawandiikibwa, bulijjo Birangirira Yesu Kristo. Tewali ngeri yonna, gy'oyinza kukyewala. Bulijjo birangirira Ye.

25 Kaakati, nga ensi olwa leero bw'eri mu—mu kusaba okw'okujjukira, oba, kale, mu Amerika n'oludda luno olw'ensi, enkya ya leero, mu makanisa n'awalala wonna, bajaguza ekijjukizo ekyo—eky'obuwanguzi obukyasinzeeyo okuba obukulu omuntu bwe yali afunye.

26 Ndowooza nti, Omulokozi nga bwe Yafa, manya nga omwana omuwere bwe Yazaalibwa, Teyandisobodde kubeera nga tayise mu kujja mu nsi. Naye bwe Yafa, mazima ddala Yawaayo omutango ku lw'ebibi byaffe. Naye, ate, nga wabaddewo abaana abawere abalungi bangi abazaaliddwa, era wabaddewo abantu bangi ababonyabonyezeddwa era ne bafa olw'ensonga entuufu, naye tewabangawo n'omu yali asobodde kwezuukiza okutuusa leero.

27 Kaakati, nga bwe kiri nti eno ye wiiki esingayo okuba enkulu mu byafaayo, okujaguza okusinga obukulu mu biseera byonna, ku Paasika kuno kwe Yakakasiriza kye Yayogera. Omuntu asobola okwogera ebintu, naye tebiyinza kukkirizibwa, mu bujjuvu, okutuusa nga bikakasiddwa nti ge Mazima. Era nga Katonda, Eyagamba nti, "Mugezese ebintu byonna; munyweze ekyo ekirungi," Yali tayinza kukugamba kukola kintu ky'Atayinza kukola Ye kennyini. Na bwe kityo Yakakasa yali ani Ono eyafa ku lw'ebibi byaffe.

28 Era, kati, si lunaku olw'okujjukira obujjukizi, si lunaku olw'ebimuli bino ebya Paasika eby'ekitalo, n'obukoofiira bwa Paasika, n'obumyu obwa langi eya pinka, n'ebirala, bye twalujjwetekamu, n'okujaguza okutukuvu; nga byonna tebirina mutawaana, naye bino si gwe mulamwa omutuufu mu ngeri eyo.

29 Nga leero abantu bwe bagezaako okugamba mbu, "Tusaanye okunaaza ebigere omulundi gumu mu mwaka, ku—ku Lwokuna, ate ku Lwokutaano tulye okussa ekimu," n'enjigiriza zonna ez'enjawulo eza . . . Ne bakubagana empawa nti lulina kuba

lunaku *luno* oba lunaku *luli,* oba nti lulina kuba lunaku lwa ssabbiiti oba lunaku olusooka mu wiiki; oba . . . Ebintu bino byonna bulombolombo bwereere. Ekimu ku ebyo byonna kiyinza kukugasa ki, oba osiiba mu nnaku za Kalema, oba tosiiba mu nnaku za Kalema, bw'otabeera na Bulamu mu ggwe? Kibeera kijjukizo bujjukizo. Nga, sikirinaako buzibu bwonna, naye eky'amazima obulombolombo bwabwe bagenze mu maaso ne babukola, naye ekintu ekikulu ne bakisuula ttayo.

30 Ssetaani tafaayo oba oli munnaddiini kwenkana wa, oba oli mutuufu kwenkana wa mu Njigiriza yo. Bwe kakutanda n'otafuna Bulamu obwo, tewali ngeri, gy'olizuukira. K'obeere munnaddiini okwenkana wa, k'obeere mulungi okwenkana wa, oba makanisa ameka g'obaddemu oba g'olibeeramu, ebyo byonna tebiriimu makulu n'akatono okuggyako nga ozaaliddwa omulundi ogw'okubiri.

31 N'olwekyo, Katonda bw'aba yazuukiza Yesu okuva mu bafu, Yamuzuukiza kubeera bubeezi kijjukizo? Era amakya gano ag'amazuukira lu—lulina kuba lunaku lumu bwe luti mu mwaka, oba olunaku gundi nti lwe tugajagulizaako? Oba, tulina kye tuganyulwa mu kuzuukira Kwe? Kutegeeza ki gye ndi? Kutegeeza ki gy'oli? Kati tukkiriza, olw'okukkiriza, nti Yazuukira okuva mu bafu, naye ekyo kinkwatirako wa? Ekyo kyaliwo emyaka enkumi bbiri egiyise.

Kati engeri gye nnafunyeemu eky'okwogerako kino!

32 Kubanga nabadde nkooye, nga n'omukono gwange gunnuma, olw'obuyiso omusawo bwe yankuba. Olw'olugendo, lw'okugenda emitala w'amayanja, nga bwe mumanyi, mu nnaku ntono, kale nnali nteekwa okufuna obuyiso buno, nze ne mutabani wange. Okuŋŋema obutakwatibwa kkolera, n'omusujja gw'enkaka, n'ebirala, kale bwankooyezza nnyo, ne bundwaza n'okundwaza. Ate nga, Kayisaali akulagira ofune okugemebwa kuno nga tonnagenda mu ggwanga ddala. Era Yagamba nti, "Ebya Kayisaali mubiwe Kayisaali, naye ate n'ebya Katonda mubiwe Katonda."

33 Kale bwe nabadde ntudde awo, nga neewuunya kiki kye ŋŋenda okwogera eri ekibiina ky'abantu kino ekirindiridde enkya ya leero; kye nneebaliza ennyo, era abasajja n'abakazi abasobola okuteeka obulamu bwabwe mu katyabaga olw'ekyo ky'oyogera. "Nkikole ntya? Njogere ku ki?"

34 Naye nabadde nkyali awo, nga kyenkana nninga eyeebase, oluggi lwange lwakubaganye, ku ludda lw'ennyumba olw'emiryango. Tewaabaddewo muntu mulala yenna okuggyako nze nzekka, nga bwe mmanyi. Nnawulirizza. Naye saakifunye bulungi. Bwe waayiseewo akaseera, oluggi lw'omu kisenge kyange mwe nsomera, gye ŋŋenda ne nsoma, ne lukubagana, ne wabaawo omuntu eyagenze mu maaso nga anyeenya oluggi. Era nnagenze ku luggi ne nduggulawo, naye,

ekyanneewunyisizza, waabaddewo a—akawala, akato akalabika obulungi, ak'enviiri eza kyenvu, n'amaaso ag'emmunye eza bbululu nga kayimiridde awo, nga kalinga akamuli ka Paasika; nga kali awo kantunuulidde.

35 Ne kankwasa kaadi. Era yabadde ya . . . Weewaawo, nzikiriza we nnaddirayo eka wajja kubaayo kaadi za Paasika, n'ebirala bwe bityo; naye we nnaviiridde eka, eno ye kaadi yokka, gye nabadde nnaakafuna. Ne kaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, kaadi eno nze ne taata ffe tugikuweerezza." Kaayagadde kakakase nti akagambo "nze" mwekali. Kale taata waako alina obulwadde bw'okulumizibwa ennyingo, nga abeera mu kagaali k'abalema, ye yabadde asindise kaadi eno. Bwe nnagikutte ne nneebaza akawala kano akato, nga bwe kakyuka okugenda okuva ku luggi, nnabikkudde kaadi.

36 Era ku byabadde ku kaadi eno kwe nnajje eky'okwogerako kyange. Kubanga, ku kaadi kwabadde kuwandiikiddwako ekyawandiikibwa eky'enjiri y'Omutukuvu Makko 16:1 ne 2, n'ekifaananyi ky'okuvaayo kw'enjuba, nga enjuba evaayo. Kati ekyo bwe nnakirowoozezzaako, wamu n'eky'okuyigako ekigamba nti "amaanyi agazuukiza," agajja Yesu Kristo mu bafu, awo we nnajje eky'okuyigako kyange.

37 Kaakati, enjuba, mu kuvaayo kw'enjuba. Kati, waaliwo ekiseera ensi lwe yali mu kizikiza zigizigi. Teyalina nkula nnambulukufu, era nga njereere. Era yonna yali ejjudde amazzi, era nga eri awo mu mbeera ekutte ekizikiza, ey'ennaku, eyennyamiza. Omwoyo wa Katonda n'amaamira ku ngulu ku mazzi ago, n'agamba nti, "Leka wabeewo ekitangaala." Katonda yalina ensonga lwaki ekyo yakikola, kubanga wansi w'amazzi ago waaliyo ensigo ze yali Yasimba, era zaalina okufuna ekitangaala ekyo okusobola okubeera ennamu.

38 Era Ekitangaala ekyasookera ddala okwaka mu nsi kyali Kigambo kya Katonda ekyogere. Ekitangaala ekyasookera ddala okwaka ku nsi kyali Kigambo kya Katonda ekyogere. Yagamba nti, "Leka wabeewo ekitangaala," era ne wabaawo ekitangaala. Ekyo kyakyusa ekizikiza ne kifuuka ekitangaala, okusobola okutondawo essanyu n'obulamu ku nsi. Okuva awo, Omwoyo wa Katonda, bwe Yagenda mu maaso nga atambula n'okwagala n'okusaasira, ku lunaku olwo olukulu, olunaku olwasooka olw'entandikwa y'ebitonde ku nsi; enjuba yavaayo n'ekasuka buli wamu wonna, ekitangaala kyayo, n'ekaza amazzi okuva ku nsi, n'ekolawo embeera waggulu mu bbanga. Era, omulundi gwayo ogwasookera ddala, kwali kuleeta ssanyu na bulamu ku nsi, okuyita mu nsigo. Ako kaali kaseera kakulu nnyo.

39 Naye, ha, okuvaayo kw'enjuba okwo, tekwali kukulu nnyo bw'okugeraageranya n'okuvaayo kw'enjuba okw'oku makya ago aga Paasika. Ku mulundi guno, enjuba bwe yabuukira mu bbanga, yaleeta okuvaayo kw'enjuba okusinga okwali

kubaddewo; kubanga okuvaayo kw'enjuba kuno kwajja n'amawulire agasinga obulungi, okusinga ge kwajja nago mu kuvaayo kw'enjuba okwasooka. Okuvaayo kw'enjuba kuno kwaleeta amawulire, agagamba nti, "Azuukidde! Azuukidde okuva mu bafu, nga bwe Yasuubiza. Azuukidde okuva mu bafu."

40 Omulundi enjuba lwe yasooka okuvaayo, mu Lubereberye, yali ereeta obubaka obugamba nti wagenda kubaawo obulamu ku nsi, obulamu obufa.

41 Naye ku mulundi guno, enjuba bwe yavaayo, waaliwo o— okuvaayo kw'enjuba kwa mirundi ebiri; okuvaayo, okulala, nga kwa Mwana. Kwali ku. . . tekwali kuvaayo kwa n-j-u-b-a kwokka, wabula kwaliko n'okuzuukira kw'O-m-w-a-n-a eyali azuukidde okuleeta Obulamu Obutaggwaawo eri Ezzadde lya Katonda eryasuubizibwa lyonna be yali Yalaba nga bali ku nsi olw'okumanyirawo kw'ebintu nga tebinnabaawo.

42 Nga e—ebimera bwe byali tebiyinza kuba biramu emabega eri ku lubereberye nga e-n-j-u-b-a si y'ebireetedde okuba ebiramu; bwe kityo bwe kiri, ne leero, nga abaana ba Katonda bali ku nsi, kitwala Kitangaala kya M-w-a-n-a okubaleeta eri Obulamu Obutaggwaawo, abo abalonde Be be Yamanya nga n'ensi tennatondebwa. Yali yabalondera mu Ye nga n'ensi tennatondebwa.

43 Era ku makya ga Paasika, ku olwo, waliwo awamu mu nfuufu eno emibiri gyaffe we gyali mu kiseera ekyo, kubanga tuli nfuufu ya nsi. Era mu Ggulu, waaliyo Ekitabo ky'okujjukira, wamu n'embala Ze ezaamulimu, nga akimanyi nti ng'Omwana wa Katonda ono bw'azuukidde, era Alizuukiza na buli mwana eyalondebwa edda olw'ekiseera kino eri Obulamu. Yakimanya nti kiribaawo. Era nga kwali kuvaayo kwa njuba okw'ekitiibwa okusinga okwaliwo ku lubereberye, enjuba lwe yasooka okuvaayo!

Kaakati, mu kubembulwa kuno okukulu okw'Akabonero ka Paasika!

44 Kati, olwa leero tulina akabonero ka Paasika, ak'okulwanyisa obulwadde bw'akafuba. Abantu beeweereza obubaka, buli omu eri munne, okusobola okuwagira enteekateeka eno, okuyambako abasawo ne bannasaayansi abanoonyereza ku by'obulamu okubaako kye bakola, okuziyiza oba okuyamba okulwanyisa obulwadde b'akafuba. Obubaka obwo bubeerako akabonero, ke tuyita akabonero ka Paasika, bwe tusindikira bannaffe obubaka. Naye obubaka obwo bwe tubufuna, akabonero ako kamenyebwa, kubanga akabonero ke kabeera kasibidde obubaka munda.

45 Kale kati, Akabonero akatuufu aka Paasika, kaabembulwa, mu kuvaayo kw'enjuba kuno; n'ekyama ky'Obulamu oluvannyuma lw'okufa ne kibikkulwa. Ekiseera ekyo bwe kyali tekinnabaawo, twali tetumanyi. Ensi yali ebulubuutira mu

kizikiza, nga egenda ewammanta, etambulira ku kuteebereza kwa muntu. Mu mutima gw'omuntu mwalimu ndowooza ezaayiiyizibwa, wamu n'obulombolombo. Abantu baasinzanga bifaananyi. Baasinzanga njuba. Baasinzanga bakatonda aba buli ngeri. Era abantu aba buli ngeri abeeyogerako nga abaliko bye baali bakoze, bonna baagenda mu ntaana, ne basigalayo mu ntaana.

46 Naye kati Akabonero aka nnamaddala kaali kamenyeddwa, era Oyo lumu Eyali omulamu nga bwe tubeera abalamu, n'afa nga bwe tulifa, yazuukira okuva mu bafu. Nga gaali makya ga njawulo! Tewabangayo makya nga ago, mu byafaayo by'ensi byonna. Ekyama kyamanyibwa nti Ye yali byombi okuzuukira n'Obulamu.

47 Era Yagamba, ku olwo ku makya bwe Yazuukira nti, "Kubanga Ndi mulamu, nammwe muli balamu." Ye yekka si ye yaganyulwa mu kuzuukira, wabula Ezzadde lyonna ery'abo abaali baawummulira mu kisuubizo kya Katonda ekikulu baaganyulwa mu kuzuukira okwo nga bafuna Obulamu. Kubanga, Yagamba nti, "Kubanga Ndi mulamu, nammwe muliba balamu." Okwo kwe kwali okukutula Envumbo. Kubanga Yazuukira, n'abo bonna abali mu Kristo balizuukizibwa wamu Naye.

48 Mu kuvaayo kw'enjuba kuno okw'ekitiibwa, Katonda yali akakasizza, oba nga anywezezza, Ekigambo Kye. Ennyiike yonna n'okubuusabuusa ebyali biyingidde mu mitima gy'abantu byaggyibwawo, kubanga wano waali wayimiriddewo Oyo lumu Eyali omulamu, n'alya, n'anywa, era n'assa ekimu n'abantu, eyagamba nti, "Nnina obuyinza okuwaayo obulamu Bwange; Nnina obuyinza okubuzuukiza nate." Era kati ekyo Yali teyakoma ku kukyogera bwogezi, naye Yakikakasa nti ge Mazima. O, nga kintu kya kitiibwa nnyo!

49 Nkakasa enkya ya leero naffe bennyini, abakikkiriza, tetuyinza kutegeera kintu ekyo bwe kyali kikulu. Kubanga Yazuukira okuva mu bafu, naffe twazuukizibwa okuva mu bafu, kubanga twali mu Ye.

50 Mwetegereze kaakati. Nga ekizikiza bwe kyali kibisse ku nsi, nga ensigo tezisobola kuba nnamu awatali n-j-u-b-a kuvaayo, nga ekizikiza kibisse ku nsi. Naye kati O-m-w-a-n-a yali azuukidde, era ekizikiza kyonna kyamalibwaawo Ekitangaala kino, bwe Kyabuna amawanga gonna, eri abantu, nti, "Tali wano, naye Azuukidde!" Nga—nga kyali kigambo eky'amaanyi! Yali akakasizza Ekigambo Kye. Yali akikakasizza, nti kituufu, kubanga kati Yali awangudde okufa, ggeyeena, n'amagombe.

51 Obusatu bwa ssetaani: okufa, ggeyeena, n'amagombe; kubanga Ssetaani ye mutandisi w'okufa, y'alina obuyinza ku ggeyeena, wamu n'amagombe. Era obwo bwe bwali obusatu bwa Ssetaani, obwaleetebwa ekintu kimu, nga kwe kufa.

Oluvannyuma lw'okufa, ogenda magombe; ate kubanga obeera mwonoonyi, n'ogenda mu ggeyeena. Nga byonna kye kintu kimu, busatu bwa Ssetaani, nga kwe kwali okufa. Okwali kwateeka omuntu mu buwambe emyaka gino gyonna.

52 Naye kati obusatu bwa Katonda obutuufu, obw'okubeera Omu obwalabisibwa mu Kristo, Eyali Obulamu, era yali amenye Envumbo era n'awangula omulabe, era n'azuukira, Katonda oyo omu ow'amazima. "Nze Oyo eyali afudde, era Ndi mulamu emirembe gyonna, era nnina ebisumuluzo by'okufa n'amagombe." Katonda, mu Omu, yafuuka Omuntu, n'abeerako gye tuli, n'awangula buli mulabe. Era yali akakasizza nti obusatu bwa Ssetaani bwali buwanguddwa, era nti obusatu bwa Katonda bwali butegeerekese, kubanga Katonda yekka y'alina amaanyi okukomyawo Obulamu nate. Ye yali Emanweri oli. Katonda yali alabisiddwa mu mubiri.

53 Ky'ova olaba Yasobola okweyogerako, mu Matayo essuula eya 27 n'agamba nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu Ggulu ne ku nsi. Mbatuma mubeere abajulirwa Bange, mu nsi yonna." Yali awangudde okufa, ggeyeena, wamu n'amagombe. Ekyo kyokka si kye Yakola; naye yavaayo, n'obuwanguzi, nga aweereddwa amaanyi gonna mu Ggulu ne ku nsi. Kyonna Kitaffe kye Yali, kyonna Omwoyo Omutukuvu kye yali, na buli kimu ekyali kibaddewo, byonna byali mu Ye. "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu Ggulu ne ku nsi." Ebintu ebirala byonna byali tebikyalina maanyi. Yali abiwangudde.

54 Kati! Ate, si ekyo kyokka, Yatuma Ekigambo eri abayigirizwa Be, abamukkiriza. "Temutya, kubanga Nze Nzuuyo eyali afudde, naye kati ndi mulamu emirembe gyonna. Era Nnina ebisumuluzo by'okufa n'amagombe; Nnamala dda okubiwangula. Temuddamu kutya, kubanga buli Nsigo ya Katonda eyayawulibwa edda, era eyateekerwateekerwa erijja eri Obulamu Ekitangaala ekyo bwe kiribuna ensi yonna, eky'Enjiri ey'ekitiibwa. Mu buli mulembe, kiribala ekibala Katonda kye yakiteekateekera okubala." Yali azuukidde okuva mu bafu.

55 O, nga kintu ekirungi ennyo, "Ndi mulamu, manyanga nnazuukizibwa." Ekigambo ekyo kitegeeza, ekigambo *okuzuukizibwa,* ekigambo eky'Oluyonaani kitegeeza nti ky'ekintu "ekibadde ekifu ne kifuulibwa kiramu."

56 Nga e—ensigo egenda mu ttaka, eteekwa okufa, buli katundu konna ku nsigo. Eteekwa okuvunda, buli katundu konna ku nsigo. Era buli katundu ku bulamu, obwali mu nsigo, kalina okukomawo nate.

57 Yafuulibwa "mulamu." Si ekyo kyokka. "Era Ndiweereza Obulamu bwe bumu obwanzuukiza, Amaanyi aganzija mu ntaana, Ndigaweereza gye muli, okubafuula abalamu, kibeere nti eyo gye Ndi nammwe gye muba mubeera."

58 Mu Lukka, essuula eya 24, olunyiriri olwa 49. Yagamba nti, "Laba, mbaweereza mmwe okusuubiza kwa Kitange; naye mubeere, oba mulindirire, mu kibuga Yerusaalemi, okutuusa lwe mulyambazibwa Amaanyi okuva Waggulu." Okulaga nti emiganyulwo gyonna egyalimu teyagitwala Ye yekka, naye emiganyulwo egyo Yagigabana n'abalala.

59 Yajja okununula, oba okuleeta eri Obulamu, Ensigo ezo ezaateekerwateekerwa Katonda be yalaba edda nga n'ensi tennatondebwa n'ateeka amannya gaabwe mu Kitabo ky'Obulamu. Nga kati bali wano ku nsi, tebalina ssuubi; Teyajja kubeera bubeezi Mukisa kyokka, naye okugabana Omukisa na buli Nsigo eyateekerwateekerwa. Kati, Ensigo singa teyali ku nsi, Teyandibadde nnamu. Yalina okuba ku nsi, era n'emeruka. Ne bw'Ebeera mu kizikiza okumala ebbanga eryenkana wa, Ejja kuvaayo O-m-w-a-n-a bw'anaagyakako. Kati weetegereze, Yajja okugabana naffe Omukisa ogwo.

60 Enjiri ky'eva eyitibwa amawulire amalungi. Ekigambo kyennyini *Enjiri* kitegeeza "amawulire amalungi." Mawulire malungi, mu ngeri ki? Eky'omuntu okutufiirira, ago mawulire malungi. Ekya Kristo okuba nti yazaalibwa, ago mawulire malungi. Naye tewabangawo mawulire, tewabangawo mawulire malungi nga gano, okuba nti, Oyo Eyakola ekisuubizo akituukirizza, nti, "Mulamu emirembe gyonna, era alina ebisumuluzo by'okufa n'amagombe, mu ngalo Ze." Ekizikiza kyonna kyaggyibwawo. Waali tewakyali kizikiza, kubanga Omwana yali avuddeyo mu ntaana. Tewaali kugamba mbu, "Kale, Alijja, oba Ayinza okujja." Yali amaze okujja, Enjiri, amawulire amalungi!

61 Mulabeeyo, Obubaka bwennyini obw'Enjiri, nga Yo, kwe kukakasa abantu nti Yazuukira. "Mugende mubuulire abayigirizwa Bange nti Nzuukidde okuva mu bafu, era nja kubasisinkana, okukakasa kino gye bali." Ai Katonda, mu nnaku zino ez'oluvannyuma nga walibaawo Omusana nate ogwaka ku nsi! "Era Nja kukakasa abayigirizwa Bange! Mugende mubagambe nti Siri mufu, era siri lufumo bufumo, naye Ndi Kristo omulamu. Nja kubasisinkana. Mutwale Obubaka buno eri abayigirizwa Bange, nti Nzuukidde okuva mu bafu," Enjiri, amawulire amalungi.

Oyinza okubuuza nti, "Ekyo ddala bwe kiri?"

62 Abaebbulaniya 13:8 wagamba nti, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Ffe, abaganyulwa okuva mu Ye, tulina okukakasa nti Obulamu Bwe buli mu ffe kati, ffe abaganyulwa mu Bulamu buno. Obulamu, tewabangawo bulamu nga obwo; Ye yali Omwana wa Katonda. Era Yafa, era obulamu obwo ne bukoma awo; naye bwe Yazuukira okuva mu bafu, ku makya ga Paasika, olwo ffe, nga abaweereza Be, n'Atutuma tugende mu nsi yonna tutwale amawulire gano amalungi eri buli muntu, nti

Ye mulamu. Kati tuyinza tutya okukikola okuyita mu Kigambo mwokka? Kubanga kyawandiikibwa nti, “Enjiri teyajja mu Kigambo mwokka, wabula okuyita mu maanyi n’okulabisibwa kw’Omwoyo Omutukuvu, okukakasa nti Mulamu.”

63 Kati, bwe wabaayo enjiri endala, nga Pawulo bwe yagamba ekimu ku bibinja nti, “Nneewuunya okulaba nga mukyama okugenda eri enjiri efaanana obulala.” Nga weewaawo tewaliiyo njiri ndala, wabula enjiri eguumaaza obuguumaaza, ekintu ekyagunjibwaawo ekibiina ky’eddiini, okwabulira amawulire ago amalungi.

64 “Era kubanga Ndi mulamu, nammwe muli balamu. Era Ndi mulamu mu mmwe, n’emirimu gye Nkola,” Yokaana 14:12, “emirimu gye Nkola gijja kunjoleka nti Ndi mu mmwe.” Nga Bubaka obw’ekitalo! Ky’ova olaba, tubadde n’ensi ey’ekizikiza ejjuddemu enjigiriza z’eby’eddiini, naye mu kiseera eky’akawungeezi walibaawo Omusana nate. Walibaawo okuzuukira mu kiseera eky’akawungeezi. Walibaawo Omusana mu kiseera eky’akawungeezi.

65 Kati, ekinyusi kyennyini eky’Obubaka obwatumibwa, obwali bugamba nti, “Azuukidde okuva mu bafu,” ffe abaaganyulwa okuva gy’Ali, ffe abagabana awamu Naye okuzuukira, tufuna emiganyulo okuva mu kino, nga tukakasa ensi nti Mulamu. Tetuyinza kukikola kuyita mu kigambo kyokka. Tetuyinza kukikola kuyita mu bulombolombo bwa bantu. Tulina okwolesa ekyo kyennyini kye tusongako.

66 Ntidde nti leero bangi ku ffe tetuleeta bantu eri Kristo. Tubaleeta eri kkanisa, eri endowooza etaliiko bukakafu. Naye tuteekwa kubaleeta eri Kristo. Ye yekka, era Ye yekka alina Obulamu. “Oyo alina Omwana alina Obulamu.”

67 Era obulamu bw’omuntu afudde bwe bubbulukukira mu ggwe, ojja kutambulira mu bulamu bwe bumu omuntu oyo bwe yatambuliramu.

68 Omuntu bw’aba n’ekika ky’omusaayi gundi, omuntu oyo n’omuggyamu omusaayi n’okyusa omusaayi gw’omuntu oyo n’oguteeka mu mulala, omuntu oyo gw’ogutaddemu ajja kubeera n’ekika ky’omusaayi kye kimu ekyo.

69 Naawe bw’otyo omwoyo gwo ogukulimu bwe gulowoozebwa okuba nti gwafa, n’ofukibwako amafuta n’Obulamu obwali mu Kristo, ne bukukkako! Abaruumi 8:1 wagamba nti, “Naye oba nga Omwoyo eyazuukiza Kristo okuva mu bafu, atuula mu mmwe, n’emibiri gyammwe egifa Aligizuukiza ne giba miramu,” Obulamu bwe bumu obwo, amaanyi ge gamu ago, emiganyulo gye gimu, gye Yalina bwe yali wano ku nsi, okuva ewa Katonda. Yabanunula mmwe, Ensigo Katonda gye yamanya edda, bannannyini mannya agaateekebwa mu Kitabo ky’Obulamu eky’Omwana gw’endiga nga n’ensi tennatondebwa.

70 Era Omusana gw'Enjiri ogwo ogw'okuzuukira, gwe gukakasa Ekigambo! Twategeerera ku ki nti Ye Kristo? Kubanga Yakakasa bye Yayogerangako. Nnaategeerera ku ki Obubaka bw'ekiseera kyange? Katonda akakasa kye Yasuubiza, era Akyogerako. Obwo bwe bukakafu obwoleka, nti tugabanira wamu Naye mu kuzuukira. Atuukiriza kye Yayogera.

71 Kye Yasuubiza okukola mu Kristo, Yakituukiriza bwe yazuukira. Kye Yasuubiza okukola mu nnaku za Musa, Yakikakasa. Kye Yasuubiza mu nnaku za Enoka, Yakituukiriza. Ne mu nnaku zonna ez'abatume, Yakituukiriza.

72 Kati ne mu nnaku zino, Atuukiriza bye Yayogera, kubanga bali kitundu ku Nsigo eri eyakiikirirwa mu Kitabo ky'Obulamu gye Yajja okununula agizzeeyo eri Katonda. O, nga Bubaka bwa maanyi!

73 Ku makya ga Paasika, teyazuukira buzuukizi kyokka, naye n'abo abaganyulwa okuva mu Ye baazuukira wamu Naye. Ya. . .Baali mu Kristo bwe yali Akomererwa. Baali mu Ye mu kuzuukira Kwe. Ye ffe abaganyulwa okuva mu Ye, abaazuukizibwa okuva mu kizikiza mwe twali twafiira.

74 Mu nsi ekutte ekizikiza eky'obutakkiriza, amakanisa n'ebibiina by'amadiini, n'ebirala, mwe byali byatuggalira. Naye waaliwo ekintu mu ffe ekyali kikoowoola nti, "O, twagala Katonda! Tulumwa enjala n'ennyonta ku lwa Katonda." Twegatta ku Bamesodisiti, ne twegatta ku Bababputisiti, ne twegatta ku Bapentekoote, ne twegatta ku Bapulesibeteriyani, n'abalala, naye era waasigala wakyaliwo ekikyamu, tetwayinza kukifuna. Naye amangu ago, bwe twali tukyawammantira mu kizikiza, okuzuukira okw'amaanyi ne kujja gye tuli mu kulabisibwa kw'Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa.

75 Nga, Ye yali okulabisibwa kw'Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa. "Sirireka mmeeme Ye magombe, wadde okuleka Omutukuvu Wange okulaba okuvunda." Yakyolesa, buli Kigambo kya Katonda kye Yali yasuubizibwa. Yakikakasa bwe Yazuukira ku makya ga Paasika.

76 Kaakano, abo abaatambuliranga mu kizikiza nga beebuuza, oba *luno* lwe lunaku kwe balina okunaazagana ebigere, oba balina kukuuma lunaku gundi, oba okubaako ebiragiro bye bakola, ebyo byonna byaggwaawo. Kubanga, waaliwo okuzuukira okw'ekitiibwa okwamenyawo buli kintu kyonna omuntu kye yali yagunjaawo, buli kufumiitiriza okw'obuntu.

77 Waali tewabangawo, muntu eyali ayinza okuwaayo obulamu bwe ate n'abweddiza, okutuusa mu kiseera ekyo. Obukakafu bwa ssaayansi obwo Yabumenyawo, nga azuukira.

78 Bwe bagamba, nti, "Yesu Kristo tabeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna," nti, "Amaanyi Ge si ge gamu," nti, "Enjiri Ye si y'emu," ate nga Bayibuli egamba nti y'Emu! Katonda yamenyawo buli kibiina kya ddiini, na buli kikwate kya

nzikiriza kyonna, n'Atambula n'Omwoyo We Omutukuvu, nga bwe Yasuubiza, n'atukakasa, nti Mulamu.

79 Ffe tuganyulwa mu kuzuukira Kwe, bwe twazuukizibwa oluvannyuma lw'okuba nga twali twafiira mu nsi, mu kibi ne mu kwonoona. "Yatuzuukiza awamu Naye, twazuukira wamu Naye, era kati tutudde mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu." Aleeta . . .

80 Omwoyo Gwe guleeta Obulamu Bwe bumu nate ku nsi. "Oba nga Omwoyo gwa Katonda, ogwazuukiza Kristo," omubiri, omubiri ogwafukibwako amafuta; oba nga Omwoyo gwa Katonda gwafuka amafuta ku mubiri ogwo okutuusa nti, Ensigo eyo bwe yakka mu ttaka, Teyamuganya kutebenkerayo. Nedda. Yamufuula omulamu era n'amuzuukiza. "Omwoyo gwe gumu ogwo," okuyita mu mirimu gye gimu, okuyita mu Maanyi ge gamu, okuyita mu bubonero bwe bumu, "bwe gubeera mu mmwe, nammwe Gulibazuukiza."

81 Nnandyagadde mbeeko Ekyawandiikibwa wano kye mbasomera. Njagala mubeeko Ekyawandiikibwa ekirala kye mubikkula kye nnawandiise wano. Kiyinza okubayambako. Kisangibwa mu Kitabo ky'Abaleevi, essuula eya 23, olunyiriri olw'o 9 okutuuka ku 11. Muwulirize n'obwegendereza. Mu mateeka, amateeka g'Abaleevi, Katonda nga ayogera eri Musa. Muwulirize. Kati ebintu bino byonna byali bisiikirize, era tugenda kusooka tuyimiririremu katono wano tufune ekifaananyi kino.

> *Mukama n'agamba Musa, nti,*
>
> *Yogera n'abaana ba Isiraeri, obagambe nti, Bwe* mu . . . *mulimala okuyingira mu nsi gye mbawa, . . .*

82 "Eri ekifo, ekifo, kye Mbawadde. Kati yogera eri abaana ba Isiraeri obagambe nti, nti bwe mulituuka mu kifo kino gye Nnabasuubiza okubatwala, bwe mulituuka mu nsi eno." Kati wano njogera ku by'omubiri, nga bigeraageranya n'eby'omwoyo.

> *. . . ne mukungula ebikungulwa byayo* (nga mufunye kye mbagamba), *ne mulyokanga muleeta ekinywa eky'ebibereberye eby'ebikungulwa byammwe eri kabona:*
>
> *Naye anawuubawuuba ekinywa mu maaso ga Mukama, okukkirizibwa ku lwammwe: ku lw'enkya oluddirira ssabbiiti kabona kw'anaakiwuubirawuubiranga.*

83 Bwe waabangawo omukolo omutukuvu gwonna, gwalina kukolebwanga ku lunaku lwa ssabbiiti, nga lwe lwali olunaku olw'omusanvu olwa wiiki, nga lwe Lwomukaaga. Naye mwetegerezza nti, mu kijjukizo kino, kyali kya kuwuubibwa ku lunaku olusooka mu wiiki?

84 "Ekinywa, ekyali ekibereberye eky'ensigo gye wasimba, bwe kyakulanga ne kyengera, wasalanga ekinywa kino n'okitwalira

kabona. Olwo kabona n'akitwala n'akiwuubira mu maaso ga Mukama, olw'okukkirizibwa, ekiraga nti okkiriziddwa. Ozze n'ekinywa kyo, era alina okukiwuuba mu maaso ga Mukama, ku . . . "

85 Ssi ku ssabbiiti, olunaku olw'omusanvu; naye ku lunaku olusooka mu wiiki, lwe tuyita Ssande, S-s-a-n-d-e.

86 Weewaawo, ekyo ki—kigambo ky'Abaruumi, kye bava baalutuuma olunaku lw'enjuba ku lwa lubaale njuba. Naye nga lwakyuka!

87 Kati tekyali n-j-u-b-a. Wabula lunaku lwa M-w-a-n-a, olunaku lw'Omwana, nti empeke y'Eŋŋaano eyo (Omubereberye wa Katonda eyasooka okuva mu bafu) erina okuwuubibwa eri ekibiina, okulaga nti tuli Nsigo Ye; era eyo y'Ensigo embereberye mu abo abeebaka, ewuubibwe ku lunaku olusooka olwa wiiki. Ku Ssande, Yazuukira. N'asiibula, n'alinnya Waggulu, nga abantu balaba.

88 Mwetegereze, Ye yali empeke y'Eŋŋaano ya Katonda embereberye eyali ezuukiziddwa okuva mu bafu, empeke y'Eŋŋaano ya Katonda embereberye. Ku bw'Amaanyi ga Katonda agazuukiza, Katonda yali azuukizza obulamu Bwe, n'amuggyayo mu bafu, era Ye yali Ebibala ebibereberye eby'abo abeebaka, Ekibala ekibereberye. Ye yali Ekinywa ekyo.

89 Y'ensonga lwaki baalina okuwuuba ekinywa ekyo, kubanga kye kyasooka okukula. Era kyawuubibwa nga ekijjukizo eky'okwebaza eri Katonda, nga bakkiriza nti n'ebirala bijja kujja. Kyali kabonero.

90 Ne, leero, kubanga Ye yali Omwana wa Katonda eyasooka okukulira ddala mu bujjuvu, okubeera mu Katonda, Yasitulibwa okuva ku nsi n'awuubibwa eri abantu. O, nga kya kuyiga kikulu nnyo! Ku bw'Amaanyi agazuukiza, ye Mubereberye! Newankubadde, Yali—Yali yalagibwa mu bisiikirize; era yalagibwa emirundi mingi, nga bwe tunaalaba mu maaso, nti Yalagibwa mu bisiikirize. Naye kino kye kyali Ekibala kyennyini ekibereberye eky'abo abeebaka. Yawuubibwa waggulu w'Ensigo eyasuubizibwa eyalina ekisuubizo ky'Obulamu.

91 Yawuubibwa ku Lunaku lwa Pentekoote awagamba nti, "ne wajja okuwuuma okuva mu Ggulu nga kulinga okuwuubibwa, nga empewo ey'amaanyi," n'awuubibwa waggulu w'abantu, abantu abapentekoote abaali waggulu eri ku Pentekoote, abaali balindirira Omukisa okujja.

92 Era tukimanyi nti, wa kuddamu awuubibwe nate, mu nnaku ez'oluvannyuma, okusinziira ku Lukka 17:30, mu lunaku lw'Omwana nate era, "mu lunaku O-m-w-a-n-a w'omuntu lw'alibikkulibwa," oba lw'aliddamu okuwuubibwa eri abantu.

93 Kati, Omwana w'omuntu y'Ani? "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba

Katonda. Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli." Era okuyigiriza kwonna kwe tulina, n'okukakasibwa kw'Ekigambo kya Katonda; okuyita mu Kigambo kya Katonda, okuyita mu bubonero, okuyita mu byewuunyo, tukiraba olwa leero, nti mu Kitabo kya—kya Lukka wano, nga bwe twakamala okukinokola, manyanga mu—mu Lukka essuula ey'e 17 n'olunyiriri olwa 30; ne Malaki 4, n'Ebyawandiikibwa eby'enjawulo bye tumanyi obulungi, nti Ekigambo ekyo nate kiwuubibwa eri abantu, okubalaga nti obulombolombo bw'abantu obufu bwafa, era Omwana wa Katonda mulamu nate wamu n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu nga ali mu makkati gaffe, era atuwa Obulamu.

94 Nga Kristo bwe yali Omubereberye okuzuukira, okuva mu bannabbi bonna, n'abalala bonna; newankubadde waliwo ebisiikirize bingi ebimwogerako, Ye yali Ebibala ebibereberye eby'abo abeebaka. Mu kujja kwa Kristo, ng'ajjira mu Mugole, nga ava mu kkanisa ey'olukale, walina okubaawo Ekinywa ekiwuubibwa nate mu nnaku ez'oluvannyuma. Ha, bannange!

95 Okuwuuba ekinywa! Ekinywa kyali ki? Ky'ekyo ekyasooka okukula, ky'ekyo ekyasooka okukakasibwa nti ŋŋaano, ekyakakasibwa nti kinywa.

96 Aleruuya! Nkakasa mulaba kye njogerako. Kyawuubibwanga eri abantu. Era omulundi ogusooka lwe walibaawo ekirivaayo, ku lw'omulembe gw'Omugole, okuzuukizibwa okuva mu nkola y'ekizikiza ky'ebibiina by'amadiini, buliba Bubaka, obulaga nti okukula kw'Ekigambo okujjuvu kukomyewo nate mu Maanyi Gaakyo amajjuvu, nga buwuubibwa eri abantu, okuyita mu bubonero n'ebyewuunyo bye bimu bye Yakola mu kiseera kiri.

97 "Kubanga Ndi mulamu, nammwe muli balamu," nga ayogera eri Mukyala We. "Kubanga Ndi mulamu, nammwe muli balamu." Nga kwali kuzuukira okukulu! Ne kuno nga kuzuukira okukulu, okuzuukizibwa okuva mu bafu, "okufuulibwa abalamu mu Kristo Yesu," nga tuzuukizibwa Amaanyi ga Katonda agaleeta obulamu!

98 Yawuubibwa gye bali. Ekigambo, nga kye Yali, yawuubibwa gye bali ku Lunaku lwa Pentekoote, nga Ekigambo ekirabisiddwa. Kaakati, era nga bwe ŋŋamba, kya kuddamu Kiwuubibwe nate mu kiseera eky'oluvannyuma. Kaakati, ka tugeze. . .

99 Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, kati, sooka olindeko, Ow'oluganda Branham. Nnina ekkanisa gye mmanyi gye. . ." Weewaawo, nange, ngimanyi. Okiraba?

100 Naye kati, ka tugeze, watya ssinga—ssinga tubadde ba kuddayo mu Tucson olw'eggulo lwa leero, kati, era nga buli omu ku ffe a. . .wa kugendera mu—mu mmotoka y'ekika kya Cadillac, empya ttuku? Nga emitto gy'entebe ezirimu gyonna

gyakolebwa mu—mu maliba ga njobe, agasingayo okugonda, amagonvu era aganyuma okutuulamu; nga ekiwempe wansi w'olinnya kya byoya; nga siteeringi yaayo etemagana nga ffeeza nga n'obukondo bw'oku nzigi bwonna busiigiddwa ne alimansi; nga ne yingini yaayo yagezesebwa n'ekakasibwa nti ye yingini entuufu yennyini; nga nnamuziga zaayo . . . zonna zirina beeringi eziteekeddwamu giriisi; nga n'emipiira gyayo gyonna tegisobola kufuna kituli yadde okwabika; nga gyonna gyagezesebwa mu nkola eya ssaayansi.

101 Nga zombi ziggyiddwa gye bazikolera, zombi, era nga zombi zijjuziddwa bulungi amafuta. Ago ge maanyi agazitambuza, amafuta, kubanga galimu oktaano. Naye kati bw'ogenda okuzikoleeza, newankubadde zombi zifaanagana, naye kuliko emu ku zo etalina muliro yadde, etalina maanyi gagyaakisa.

102 Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, amaanyi ag'okuzaakisa gali mu mafuta, Ow'oluganda Branham." Naye sifaayo oba maanyi genkana wa obungi agali mu mafuta; okuggyako nga waliwo omuliro ogugenda okukoleeza amaanyi ago, okuggyako nga waliwo amaanyi aganaakakasa nti ago ddala mafuta, gayinza n'okuba amazzi obuzzi. Okutuusa . . .

103 Abaasomerera eby'eddiini ka boogere ebyenkana wa, ekkanisa yammwe k'esengekebwe mu nsengeka ennungi okwenkana wa, ka mubeere n'obuyigirize obwenkana wa, ka mugezeeko okufaanana Bayibuli; okutuusa nga Ekinywa ekyo ekiwuubibwa, okutuusa nga Omwoyo Omutukuvu asse ku muntu oyo n'aleetera Ekigambo ekyo okuba ekiramu! Amafuta gakiikirira Kigambo. Ge Mazima; naye, awatali Mwoyo, Tekijja kutambula.

104 Tutadde nnyo essira ku Nkola entuufu ne tutafaayo ku Maanyi. Weetaaga okubaawo Amaanyi ga Katonda agakola, Amaanyi ga Yesu Kristo agazuukiza okukka ku Kkanisa, okusobola okwolesa n'okukakasa nti ddala *Gano* mafuta. Gandiba mu mukebe gw'amafuta; naye gasobola okuba nga mazzi, mukiraba. Naye obukakafu bwokka, obukakasa nti mafuta, gateekeko Obulamu buno, Bujja kukakasa oba mafuta oba nedda.

105 Era bw'ogezaako okuteeka Omwoyo Omutukuvu mu kibiina ky'eddiini, obeera nga agezaako . . . Esobola okusikondoka; naye yingini yo ojja kugyonoona bwonoonyi, olw'okujjulamu enziro.

106 Naye, ha, ndi musanyufu nnyo okuba nti waliwo amafuta agalina Amaanyi ga oktaano omutwalo mulamba, nga ky'Ekigambo kya Katonda wamu n'Omwoyo Omutukuvu okukoleeza Ekigambo ekyo, n'okuzuukiza Amaanyi ga Katonda mu bulamu bw'omusajja, oba mu bulamu bw'omukazi, oba mu kkanisa. Agaasimbula emmotoka eyo ey'ekika kya Cadillac n'ewenyuka mu kkubo, wansi w'Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu eyakomawo n'awuubibwa eri abantu ku Lunaku

lwa Pentekoote, okulaga nti Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

107 Ekyo kye Kinywa ekibereberye ekyavaayo mu bannabbi bonna, eyali Omwana wa Katonda, Kabaka wa bannabbi bonna.

108 Wabaddewo amakanisa, n'amakanisa, abagole, n'abagole, amakanisa, abagole, abagole.

109 Naye waliwo Omu ateekwa okujja! Aleruuya! Wateekwa okujja Omugole yennyini! Wateekwa okujja Omu atalina Nkola ntuufu yokka kyokka, wabula alina n'Amaanyi agakozesa Enkola eyo, galeetere Ekkanisa eyo okubeera ennamu, era etambulire mu Maanyi ag'okuzuukira Kwe. Okutuusa nga tutuuse mu kifo ekyo, okutuusa nga tuzudde ekifo ekyo, kigasa ki okulongoosa nnamuziga? Emmotoka eyo kigasa ki okugirongoosa ku ngulu n'etemagana oba okugiyooyoota, nga mu yo temuli Maanyi gagitambuza? Enkola y'ebyuma ne bw'ekakasibwa etya nti ekoleddwa bulungi, wateekwa okubaawo Amaanyi agakozesa Enkola eyo.

110 Ekyo kye Yakakasa! Aleruuya! Ekyo Paasika kye yakakasa. Teyali Kigambo bugambo kyokka, naye Yali Katonda Mwene, Amaanyi agakola, mu Kigambo. Agaaleetera omubiri gwa Yesu Kristo ogwali (gunnyogoga, nga mukakanyavu, era mufu, guli mu ntaana) okunyeenyezebwa ne guyingirwamu Obulamu ne guzuukira, ne gaggyawo n'ejjinja. "Ye Nze eyali afudde," yafiira ddala okutuusa nti n'enjuba yagamba nti Yali afudde, n'omwezi gwagamba nti Yali afudde, n'emmunyeenye zaagamba Yali nti afudde. Obutonde bwonna bwagamba nti Yali afudde. Naye ate kati ensi yonna erina okukitegeera nti Mulamu nate. Teyali Nkola nsengeke bulungi kyokka, Ekigambo kya Katonda, wabula era Yali Maanyi agakakasa Enkola eyo.

111 Era nga bw'Ali, Omugole omusajja, Omugole omukazi alina okuvaayo, kubanga Ali kitundu ku Ye. Era Omugole oyo tayinza kuba kirala kyonna okuggyako okulabisibwa kw'okutuukirizibwa kw'okubikkulirwa kwonna abalala bonna kwe baayogera ku Mugole; Ayinza kukola kimu kyokka kwolesa. Singa akola ekyawukana ku Mugole omusajja, oyo tabeera Mugole. Kubanga, Ye nnyama ya nnyama Ye, ggumba lya ggumba Lye; Bulamu bwa Bulamu Bwe, Maanyi ga Maanyi Ge! Omugole y'omu ne Bba! Nga omusajja n'omukazi bwe babeera omu, era nga omukazi yaggyibwa mu lubirizi lwa musajja, n'Omugole yafuna Omwoyo, Omwoyo ogw'ekikula ekikazi, okuva mu Bba. Ennyama eyava mu lubirizi Lwe, yakola byombi Enkola entuufu wamu n'Amaanyi agakozesa enkola eyo, nga ye Mukyala. Omwoyo Gwe n'omubiri Gwe, nga yabigatta wamu, n'akola Enkola ensengeke wamu n'Amaanyi agakozesa enkola eyo. Okutuusa ekkanisa oba abantu . . .

112 Obumyu buno bwonna bwe bakwasaganya ne Paasika, n'emikolo egya buli ngeri, n'amakanisa amanene, n'amatiribona,

byonna biriremwa era biriggwaawo.

113 Okutuusa Ekkanisa eyo lw'erifuuka byombi Amaanyi n'Enkola entuufu; n'Omwoyo wa Katonda, eyamukozesa, okukola ebintu bye Yakola! Bw'aba Yatambuza yingini eya sirinda kkumi na mukaaga, n'Omugole ajja kukikola. Amiina! Kubanga Yagamba, mu Yokaana 14:12 nti, "Oyo anzikiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola. Ndimuwa obuyinza obw'Amaanyi Gange, mu Nkola ye esengekeddwa obulungi, ensi bw'etalisobola kwaŋŋanga; era Ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero." Obwo bwe Bubaka bwa Paasika, Amaanyi n'Enkola entuufu, nga byegasse wamu! Enkola entuufu awatali Maanyi, terina ky'egasa; n'Amaanyi, awatali Nkola ntuufu, tegalina kye gagasa.

114 Osobola okuwoggana n'olekaana, n'obuukabuuka, n'okola byonna by'oyagala okukola, naye bw'osambajja Ekigambo kino, biri byonna tebirina kye bijja kukugasa. Ojja kuba nga ogezaako kwakisa pi—pisitoni za. . . Ojja kuba olina omuliro ogusobola okuzaakisa, naye nga temuli mafuta ga kukoleeza muliro ogwo.

115 Birina kukola nga obigasse wamu. Amiina! N'olwekyo, emu ejja kusigala wansi, ate Endala egende waggulu. Ky'ekyo kyokka. Wadde, zombi zisobola okuba nga zifaanagana, zombi zeeyita kkanisa, zombi zeeyita Mugole. Naye Emu erina Enkola entuufu *wamu* n'Amaanyi, era Etuukiriza, ekyo kye Yagamba nti ge Mazima.

116 Teyinza kuseguka kuva mu kifo, Enkola k'ebeere nnungi okwenkana wa, okutuusa nga Amaanyi gazze. Amaanyi bwe gajja, Omuliro ogwo gukwatagana ne oktaano oyo ali mu mafuta. Era Amaanyi ago bwe gatulika, galeetawo okukoleera, olwo okukoleera okwo ne kutambuza buli kintu, kyonna, kubanga Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Okwo kwe kuzuukira. Ago ge Maanyi ga Katonda gennyini, Enkola entuufu wamu n'Amaanyi. Mwekkaanye, "Omwoyo y'aleeta obulamu." Ensa—Ensasi y'ekoleeza omuliro. Amafuta si ge gakoleeza omuliro; wabula Ensasi y'ekoleeza amafuta. Mukiraba?

117 "Tewali ky'oyinza kukola awatali Nze; naye bw'obeera Nange oyinza byonna." Nga bw'Ali nti ye Kigambo, Abeera Kitaffe nga ye mulamu. "Nga Kitange bwe yantuma, Nange bwentyo bwe mbatuma. Nga Kitange bwe Yankoleeza n'ansindika mu buli kintu, Nkola ekyo kyokka ekisanyusa Katonda. Kati, nga bwe Yantuma, Nange bwe ntyo bwe mbatuma n'Enkola y'emu, era kyetaagisa Amaanyi ge gamu okugireetera okukola. N'obubonero buno bunaagobereranga abo abagamba nti balina Enkola entuufu. Amaanyi gajja kutwala ekifo Kyago."

118 Pawulo yagamba nti, "Enjiri teyajja gye tuli mu Kigambo mwokka," okuyita mu mafuta gokka, "naye n'okuyita mu Nsasi," okusobola okugitambuza. Kiikyo. Bw'etyo bwe yajja gye tuli.

119 Ye Mwoyo y'omu, eyamuzuukiza, era ye yazuukiza omukkiriza ow'amazima eri Obulamu Obutaggwaawo. Kati mujjukire nti, mu ngeri emu. . . Kati mwekkaanye, obudde bwaffe bugenda buggwaayo. Mwetegereze, "Omwoyo y'omu," kati, Abaruumi 8:1. Kaakati ekyo leka tuddemu tukisome, mu Baruumi 8:1, tulabe kye kigamba. Kale. Nedda si Abaluumi . . . Ntegeeza, 8:11, munsonyiweko.

120 Mu Abaruumi 8:11, "Naye *oba*. . ." Awo we wali omutawaana. Awo w'Akwatira.

> *Naye oba nga Omwoyo gw'oyo* (Katonda, Omwoyo Omutukuvu) *eyazuukiza Yesu Kristo okuva mu bafu atuula mu mmwe,* . . .

121 Kaakati, ky'ekyo, "Oba nga Omwoyo w'Omugole omusajja atuula mu Mugole omukazi!"

122 Katonda bwe yakola omugole We omusajja eyasooka, Yasooka kukola mugole omusajja, nga alimu ekikula ekisajja n'ekikazi, mu mwoyo; oluvannyuma n'amubumba okuva mu nfuufu y'ensi, abeere nga asobola okukwatibwako. Era mulabeeyo bwe Yakola Kaawa, okuva mu Adamu, Teyatoola kitole kya bbumba kirala, Yamujja mu kitole ky'ebbumba kye kimu; Ekigambo kye kimu, kubanga Adamu yali Kigambo ekyogere. Mukiraba? Yamujja mu ye, bwe yamala n'addira e. . . Yalimu omwoyo gw'ekikula ekisajja n'ekikazi. Era Yaddira omwoyo gw'ekikazi n'agujja mu Adamu, n'aguteeka mu Kaawa; n'olwekyo gusigala gukyali kitundu ku mwoyo gwa Adamu, gusigala mubiri gwa Adamu. N'olw'ensonga eyo, gwali mwoyo gwa Adamu, amaanyi, ge gaawa obulamu ebitundu by'omubiri gw'omukazi.

123 Bw'atyo n'Omugole ateekwa kuba nnyama ya nnyama Ye, era ggumba lya ggumba Lye. Kati olwo omubiri guno ogufa gulifuuka gutya omubiri Gwe? Ekyo tugenda kukituukako mu kaseera katono, mukiraba. Kikolebwa kitya? Mu ngeri ki? Okukyusibwa kuno okukulu kutegeeza ki? Mwetegereze.

> Kati *oba nga Omwoyo w'oyo* (Katonda) *eyazuukiza Yesu okuva mu bafu atuula mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo okuva mu bafu era n'emibiri gyammwe egifa aligifuula emiramu ku bw'Omwoyo we atuula mu mmwe.*

124 Ha, bannange! Abo abaateekerwateekerwa, weewaawo, nga Ensigo eyali ku nsi, Abo abaalina Obulamu mu bo. Bangi ku bo baali bafu; baali nsigo nvundu; amazzi n'ebintu ebirala byabookya. Naye omanyi, waaliwo Ensigo eyali erindiridde Obulamu. Katonda yali agimanyi nti Weeri.

125 Kati, Abo abaateekerwateekerwa Omwoyo Omutukuvu b'asooka okuzuukiza, kubanga Omwoyo Omutukuvu ajja kunona Babe. Kati, kino kya buziba, naye mukakase nga mukifuna bulungi.

126 Kati, nga enjuba bw'etaatumibwa ku nsi, kuwa njazi, bulamu, nga nazo zaali ttaka, teyali ya kuwa ttaka lyonna bulamu, wabula yali ya kuleeta ekitundu ku ttaka ekyali kyetoolodde obulamu.

127 Abantu bonna tebajja kusembeza Kristo. Nedda, nedda. Wabula abo Katonda be yayawulira okufuna Obulamu, abali mu limu ku ttaka ly'ensi, Abo b'Ajja okuwa obulamu. Beebo.

128 Nti, kati, ettaka eryo lyawulira akasana ako, ne ligamba nti, "Bannaaye, akasana nga kookya!" N'olwazi olwo, ne lugamba nti, "Akasana nga kookya!" Naye ensigo eyo, yo yagamba kimu nti, "Ako ke mbadde nnindiridde," n'etandika okumeruka n'efuna obulamu. Ekyo ky'ekitundu ky'ettaka enjuba kye yawa obulamu. Kubanga, enjuba teyatumibwa kuwa lwazi bulamu, teyatumibwa kuwa ttaka bulamu, naye yatumibwa kuwa nsigo bulamu.

129 Kati, Omwoyo Omutukuvu ajja kati. Weewaawo, Teyatumibwa . . . Lwaki abantu bonna tebamufuna? Teyatumibwa gye bali.

130 Waliwo omusajja eyaŋŋamba nti, "Nze ssikkiriza. Ne bw'oyogera ki. Ne bw'ozuukiza omufu, oba n'okola ekintu kyonna, oba n'owonya abalwadde, n'omukakasa mu buli ngeri yonna, era sijja kumukkiriza."

131 Ne mmugamba nti, "Weewaawo tosobola kukkiriza. Toli mukkiriza. Talina makulu gy'oli. N'okutumibwa teyatumibwa gy'oli. Yatumibwa eri abo abanakkiriza."

132 Obubaka bwatumibwa eri mukkiriza. Eri abo ab'okubula, Obubaka busirusiru; naye eri abo abali mu Kristo, era abali ekitundu ku Nsigo eyo, Obubaka Bulamu.

133 Mumanyi emboozi yange ekwata ku mulunzi eyateeka eggi wansi, manyanga eggi ly'empungu wansi w'enkoko. Mukiraba? Akawungu ako, mazima ddala, kaali—kaali kalabika, bulala. Omulunzi bwe yakola ekintu ekyo kye yakola, eky'okuteeka eggi ly'empungu lino wansi w'enkoko eno. Era enkoko yayalula akakoko akalabika obulala, era kaali—kaali tekategeerekeka, nga kafaanana bulala. Kaali tekafaanana bunnaako. Ebyoya byako byali tebifaanana nga eby'obukoko obulala, era kaali—kaali . . . Kaali, kafaanana bulala. Era obukoko obulala bwonna bwakalaba nga kabwawukanako mu ndabika yaako. Kale enkoko n'etambulatambula . . .

134 N'emmere enkoko gye yakaliisanga tekaagyaagala. Kaali tekaagala bya kutakula mu kiyumba kya nkoko. Kko, kaali tekabyetaaga. Kale bulijjo keebuuzanga lwaki kaali ka njawulo ku bulala, bwonna. Mukiraba? Era tekaalyanga kintu kyonna kubanga . . . Byonna kaamalanga gabirya kubeera kalamu, kubanga tebyakawoomeranga, mukiraba. Kubanga, tekaali kakoko, okusooka kwa byonna. Mukiraba?

135 Era e—enkoko yayitanga obwana bwayo, nga, bwe mumanyi nti, "Ennaku z'ebyamagero zaayita. Ebyo tebiriiyo. Weegatte bwegassi ku kkanisa." Naye nga kko, tekabikkiriza. Kale kaagobereranga enkoko okutuusa lumu maama waako . . .

136 Maama mpungu yajjukira nti yabiika amagi mangi, naye waliwo eryali libulako. Yakimanya nti akawungu ako kalina we kali awantu awamu, bw'atyo kye yava atandika okukanoonya. Ne yeetoloolanga waggulu ku lusozi, n'akkirira wansi mu biwonvu, na buli wamu wonna we kayinza okuba. Mu kiseera kino, akawungu ako, kino ky'ekiseera we kalina okuzaalibwa. Ky'ekiseera mwe kalina okwalulirwa. N'agamba nti, "Nnamuŋŋoona yandiba nga yajja n'aggyawo eggi lyange; oba ensega. Simanyi. Waliwo ekyatwala eggi lyange. Naye mmanyi nti . . . Eggi eryo nkyalirina ku mutima gwange. Omwana wange alina waali awantu awamu. Nnina okugenda mmunoonye."

137 Ne Katonda bw'atyo bw'ali. Ye y'Empungu eri Enkulu. Mu birowoozo Bye Yakimanya nti Alibeera n'Ekkanisa. Yakimanya nti Alibeera n'abantu. Ka kibeere kiki kyonna ekyabamaamira, ka kibeere kiki kyonna ekyabaalula, Abanoonya. Anoonya Ababe.

138 Era lumu, emboozi egamba nti, empungu eno yabuuka n'eyita waggulu w'ekiyumba ky'enkoko. Yali enoonya buli wamu, era n'ekazuula. O, okwo nga kuzuukira okw'ekitalo, okukitegeera nti eky'amazima, tekaali kakoko. Kaali mpungu! Naye bulijjo baakayigirizanga kutunula wansi, kutakula kunoonya kawuka oba ekintu bwe kityo mu kiyumba. Naye ne kawulira okukaaba nga kukagamba, nti, "Tunulako waggulu *eno*!" Ne katunula waggulu, nga waliwo ekitonde ekirina ebiwaawaatiro ebiweza fuuti kkumi na nnya obugazi, nga kya maanyi okusinga buli nkoko eyali mu kiyumba, nga kigamba nti mwana waakyo.

Ne kabuuza nti, "Maama, nnyinza ntya okukutuukako?"

139 N'ekagamba nti, "Buuka bubuusi, tandika okukuba ebiwaawaatiro byo, kubanga oli mpungu."

140 Mukiraba, yali ekimanyi nti omwana waayo alina w'ali. Ka kibeere kiki kyonna ekyamukuza, naye erina omwana awantu awamu.

141 Ne Katonda amanyi! Aleruuya! Alina Ekkanisa eyateekateekerwa, eyayawulibwa edda! Yakimanya nti Alina abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala, n'Omugole, abalina we balindiridde; Omwoyo Omutukuvu bw'alitandika okubuukira waggulu waakyo, Ekinywa ekyo ekiwuubibwa. Ha, bannange! Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Si lufumo olwagunjibwa, naye ekyannamaddala!

142 Ne bwe baagezaako abenkana wa okukagamba nti, "oli mpungu," kaali tekamanyi kye kitegeeza kubeera mpungu.

Ate nga, kaali mpungu. Tekaayinza kukitegeera okutuusa lwe kaalaba ekintu ekikafaanana, manya, kye kafaanana.

143 Bwe tutyo naffe bwe tulaba, si kibiina kya ddiini, si Ph.D., si LL.D., si muliranwa omulungi; wabula omwana wa Katonda eyabumbibwa mu kifaananyi kya Katonda, nga alina Amaanyi ga Katonda okwanukula ekyetaago ky'ekiseera kino, okulaga nti Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, tewali nkoko yonna egenda kukuziyiza. Anoonya Maama we. Abeera mpungu, okusookera ddala. Ategeera ky'ali. Empungu eno yennyini etegeera okuyitibwa kw'Ekigambo kya Katonda. Lwaki? Kubanga mpungu. Ziba mpungu na mpungu! Ekigambo ekyaliwo nga n'ensi tennatondebwa, Ekigambo eri Ekigambo! Ekigambo, ekyateekerwateekerwa, eri Ekigambo ekiwandiike eky'ekiseera kino. Otegeera ekifo kyo. Anoonya Ekigambo ekyo.

144 Kati awo guno, omubiri guno ogw'oku nsi, guzuukizibwa era Omwoyo wa Katonda n'aguleetera okugondera Ekigambo kya Katonda.

145 Mangu ddala. Akawungu kano bwe kaayagala okumanya engeri gye kayinza okutuuka eri maama waako, kaali kaayigirizibwa nti tekasobola kutuuka gy'ali. "Toyinza kutumbiira kusukka w'okoma bw'oba obuuse." Eyo ye nkoko. Mukiraba?

Naye empungu eno yakagamba nti, "Ekyo si kituufu."

"Naye, laba obukoko!"

146 "Tofaayo ku kiki bukoko bye buli, ggwe oli mpungu. Yanjuluza bwanjuluza ebiwaawaatiro ebyo, weeegezeseemu. Tandika okugenda waggulu!"

147 Ekigambo eri Ekigambo! "Emirimu gye Nkola nammwe muligikola. Oyo akkiririza mu Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola." Mukiraba? "Kubanga Ndi mulamu, naye aliba mulamu." "Era oba nga Omwoyo eyamuzuukiza okuva mu bafu atuula mu mmwe, emibiri gyammwe egifa Aligifuula emiramu." Mukiraba?

148 Akola ki? Kaakati muwulirize, musobole okutegeera. Kati Paasika eno, njagala ebeere ya makulu nnyo gye muli okusinga Paasika endala yonna bwe yali ebadde. Mukiraba? Njagala mukirabe. Tumanyi Omwoyo oyo kye yamukolera; naye njagala mukirabe nti, tekiri nti alikikukolera, wabula naawe Yamala dda okukikukolera. Okiraba? Akola ki? Azuukiza omubiri gwo ogufa. Omubiri guno ogufa mwe tubeera, Aguzuukiza, amakulu mu kyo nti, aguwa Obulamu.

149 Kati, ggwe olumu eyatambulanga n'omunwe gwa sigala mu kamwa, n'ebirala, oba ne pakiti ya sigala; nammwe abakazi abaasalangako enviiri zammwe, ne mwesiiga langi, ne mwejeeguula, ne mwambala ebinu, n'ebintu bwe bityo; naye lumu, waliwo Ekintu ekyaleekaana, n'otunula erudda

wano ogenda okulaba nga Kigambo kya Katonda. Okiraba, Kyazuukiza e. . . N'ogamba nti, "Sikyaddamu kwambala binu, sikyaddamu kunywa bitamiiza, sikyaddamu kulimba, sikyaddamu kubba, sikyaddamu kukola *kino,* na *kiri*." Okiraba? Omwoyo eyamuzuukiza okuva mu bafu, bw'atuula mu mmwe, nammwe emibiri gyammwe egifa ajja kugifuula miramu, enfuufu ey'ensi, agireetere okugonda. Mukiraba? Kitegeeza ki? Kugondera ki? Kristo. Kristo y'Ani? Ekigambo. Si njigiriza ya ddiini, wabula Ekigambo!

150 Luli wagambanga, nti, "Ebintu bino, ha, nze ndowooza tekirina mutawaana abakazi okwambala empale endabada."

151 Naye, Ekigambo ne kikugamba nti, "Nedda." Okiraba, ne Kikufuula mulamu eri Ekyo. Okiraba? Ne kikusika nga kukireeta gye Kiri. Okiraba, ne kifuuka, ggwe. Ne Kifuuka. . . N'ofuuka kitundu ku Kigambo. Kyaleeta omubiri gwo, si. . .

152 Kati, oyinza okugamba nti, "Naye, kati, leka mbeeko ne kye nkubuulira. Nze omusumba wange. . . " Ssifaayo omusumba wo ky'agamba; ekikulu ky'ekyo Ekigambo kye kigamba! Bw'oba oyagala kubeera nkoko, genda mu maaso naye. Naye omusumba bw'ayogera ebyawukana n'Ekigambo kino, kitegeeza emmere gy'agabula si ya mpungu; uh-huh, abeera agabula nkoko, mukiraba, so si mpungu. Mukiraba? Empungu erya Mmere ya mpungu. Mukiraba? Ereeta obulamu!

153 Bayibuli egamba nti ebyo bikyamu okubikola, n'abasajja n'abalala nammwe mwenna bye mukola, bikyamu. Mugamba mbu, "Ennaku z'ebyamagero zaayita." Bayibuli eno egamba nti Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Bwe bagamba mbu, "Okwo kusoma birowoozo bya bantu. Era kusoma biri mu birowoozo, okutegeera ebiri mu mitima gy'abantu kuno. N'okwolesebwa kuno kwonna n'ebintu bino, byonna butaliimu," mulaba, babeera nkoko. Emmere y'empungu tebagimanyi.

154 Naye, ow'oluganda, bw'owulira okukaaba okwo, wabaawo Ekintu mu ggwe! Okusooka kwa byonna, oli mpungu. Lwaki? Ye ggwe Nsigo eri, okuzuukira kw'O-m-w-a-n-a gye kwaviirayo, n'okuwuubibwa kw'Ekinywa ku nsi, okukuleetera okutegeera nti oli mpungu so toli kakoko ka kibiina kya ddiini. Mukiraba? Hah!

155 "Oba nga Omwoyo eyamuzuukiza okuva mu bafu," Ekigambo, Amaanyi ag'Ekigambo, "atuula mu mmwe, n'emibiri gyammwe egifa Ajja kugifuula miramu." Kati tubeera tutya ennyama y'ennyama Ye era eggumba ly'eggumba Lye? Kubanga, mangu ddala, nga tukyali boonoonyi mu mibiri gino egifa, nga tufa, tulindiridde kufa, emibiri gino, Azuukiza omubiri ogwo. *Okuzuukiza* kitegeeza ki? "Kuguwa Bulamu." Ogwo omwoyo ogwayagalanga okunywa omwenge, n'okucakala, n'okwenda, n'ebirala bino byonna, gwazuukizibwa; era, ekintu ekyo kyafa,

era wazuukizibwa. Azuukiza omubiri gwo ogufa ne guba mulamu.

156 N'olwekyo, emibiri gyammwe ye yeekaalu y'Amaanyi, kubanga (lwaki?) okuva ku lubereberye mwali kitundu ku Nkola eyo. O! Okwo kwe kuzuukira. Eyo y'Ekkanisa mu kuzuukira, nga ezuukidde Naye. Emibiri gino we twogerera gyazuukizibwa. Mukiraba, wawulira; n'okkiriza. Ne kikukyusa ne kikujja mu kibiina ky'eddiini ne kikuzza eri Ekigambo. Okiraba?

157 Amaanyi, singa gakka ku mazzi, amazzi gajja kusammuka busammusi nga bwe gagamba nti, "Ennaku ez'ebyamagero zaayita." Pomp-pomp-pomp, "Weewaawo, Bayibuli ngikiriza," pomp-pomp-pomp, "naye tewali—tewali . . ." pomp-pomp-pomp! Mukiraba?

158 Naye bwe Gakka ku mafuta gali agalina oktaano lukumi gatokoterawo be, "Whrrrrr," n'ekoleera, mukiraba. Kiba kitya, bannange, Amaanyi bwe gakka ku Ekyo! Naye bwe gakka ku nkoko, tegalina kye ganaakola. Naye bwe Gakka ku mpungu, efuluma n'egenda. Amiina! Amaanyi wamu n'Enkola! Mulaba kye ntegeeza? Kati kitegeeza, bw'aba mpungu yennyini, ajja, "kutegeera."

159 Leka mbeeko Ekyawandiikibwa wano kye mbalambululira. Ndowooza ku lukomo lw'essimu kwe tubadde tuyungiddwa tuvuddeko, naye wano wo tukyaliwo. Enjiri y'Omutukuvu Yokaana 5:24, Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ekigambo Kyange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obutaggwaawo." Kaakati mulabeeyo, ekyo singa ŋŋenda ku luguudo ne mmala gakitwala bwentyo, nga bwe Kiri, nga sifunye kutegeera kwa mwoyo . . . Si kukyogeza kirala, naye okwogera ekyo kyennyini kye Kigamba, mukiraba, ekigambo ekituufu ekyakozesebwa awo, mu Luyonaani, mu byasookera ddala, kigamba nti, "Oyo ategeera Ekigambo Kyange."

160 Kati, okukakasa nti ekyo bwe kiri. Singa ŋŋenda emmanga wano ku luguudo, ne wajja omutamiivu n'ajja nga atambula ku luguudo, nga akutte muk'omusajja ku mukono, nga bw'agenda avuma, n'okulayira Erinnya lya Katonda mu butaliimu, n'ebirala bwe bityo. "Owaaye ggwe, owulidde omubuulizi oyo by'ayogedde? Obiwulidde?" "Weewaawo, mbiwulidde!" Ekyo tekitegeeza nti alina Obulamu Obutaggwaawo. Mukiraba? Mukiraba?

"Oyo ategeera Ekigambo Kyange," oyo empungu!

161 "Kati, Ow'oluganda Branham, njagalayo Ekyawandiikibwa ekirala ekyogera ku ekyo."

162 Kale, "Endiga Zange ziwulira Eddoboozi Lyange. Omugwira tezimugoberera."

163 Nga bwe kyali luli, ku nsonga y'*Okufumbiriganwa n'Okwawukana*. Omwoyo Omutukuvu bwe yaŋŋamba ekyo, ne nzija ne nkyogerera ddala nga bwe Yakiŋŋamba.

164 Omukyala omu omuweeereza n'ankayukira, n'amboggolera. N'aŋŋamba nti, "Ndowooza ggwe azze mu kifo kya Katonda?"

Ne ŋŋamba nti, "Nedda, maama."

165 N'agamba nti, "Naye, obagambye nti ebibi byabwe bibasonyiyiddwa." N'agamba nti, "Bitya?" N'agamba nti, "Katonda yekka y'alina obuyinza." Mulaba, Omufalisaayo omulala. Mukiraba?. . .?. . .

166 Ne ŋŋamba nti, "Olaba, njagala okitegeere, nti, Yesu yagamba Peetero n'abatume, nga amaze okufuna okubikkulirwa kw'ekyo kye Yali."

Yamugamba nti, "Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda."

167 N'amugamba nti, "Oli wa mukisa ggwe," olaba, "mutabani wa Yona; omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino, wabula Kitange ali mu Ggulu y'akikubikkulidde. Ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange; emiryango gy'emagombe tegirigiyinza. Era Nkuwa ebisumuluzo; buli ky'olisiba ku nsi, Nange ndikisiba mu Ggulu; buli ky'olisumulula ku nsi . . . "

168 Okwo kwe kubikkulirwa okw'Obwakatonda okw'Ekigambo nga kyambadde omubiri. Bwe Kiba kyali mubiri mu kiseera kiri okuyita mu Mwana, Omugole omusajja, ne leero Kikyali mubiri okuyita mu Mugole omukazi. Mukiraba? "Buli gwe muliggyako ebibi bye, birimuggyibwako; buli gwe mulisibirako ebibi bye, birimusigalako."

169 Kati, ekyo ab'ekereziya Katolika baakikwata ne bakiteeka ku basaaseredooti baabwe, naye ekyo kya mubiri.

170 Mulabeeyo, kyali Kigambo eky'omwoyo, ekibikkuliddwa kye kyakikola!

171 Y'ensonga lwaki Yabagamba bagende babatize mu "Linnya" lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. Yali akimanyi nti baali bamanyi ky'Ali.

172 Luli nnina omubuulizi gwe nnali njogera naye, n'aŋŋamba nti, yagamba nti, "Kati, Ow'oluganda Branham, nnavaayo ne nneegatta, ne mbaako ekkanisa *bw'eti ne bw'eti* gye nneegattako, ekkanisa y'Abapentekoote."

173 Nga, kati n'Abapentekoote baatandika okulya akagaati akeekulungirivu, nga bwe mugumanyi. Ekyo ndowooza, mwali mukiwuliddeko; akagaati akeekulungirivu akataliimu kizimbulukusa, katonda-mwezi, mukamanyi. Era bonna baakakkiriza era bakalya. Omusajja ono n'agamba nti . . . Aba—abakkiriza b'ekibiina kye baamutuukirira; n'abagamba kimu nti, "Kye mpadde omukisa kiba kiweereddwa omukisa." Kati, ekyo omusosodooti si ky'agamba nti, "alina amaanyi

ag'okugufuula omubiri gwa Kristo"? Mukiraba, bonna bafaanagana, tewali njawulo.

174 Kati n'aŋŋamba nti, "Waliwo kye njagala okukubuuza." Yali agezaako kwebalama nsonga eyo ey'okubatiza mu Linnya lya Yesu, kubanga ono ye musajja eyagamba nti akola ekyo abeera mu—mulabe wa Kristo. N'ambuuza nti, "Olowooza ddala kyetaagisa omuntu okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo?"

Ne mmugamba nti, "Yee, ssebo."

175 N'agamba nti, "Nga yamala dda okubatizibwa mu linnya lya 'Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu'?"

176 Ne mmugamba nti, "Yee, ssebo. Aba tabatizibwanga, yadde. Mukiraba? Tabatizibwanga, yadde; ku ebyo tekuli Linnya. Ebyo bitiibwa butiibwa." Ne mmugamba nti, "Okwo okubatiza tekukkirizibwa." Ne mmugamba nti, "Lwaki—lwaki Peetero . . ."

177 N'agamba nti, "Naye, kati, leka mbeeko ne kye nkubuulira." N'agamba nti, "Kati, mu Bikolwa by'Abatume 10:49, n'agamba nti, 'Peetero bwe yali akyayogera ebigambo bino, Omwoyo Omutukuvu n'abakkako.'"

178 "Naye," ne mmugamba nti, "yakyuka n'abuuza nti, 'Omuntu ayinza okugaana bano okubatizibwa mu mazzi?'"

179 N'agamba nti, "Anti, obadde oyogera, gye buvuddeko, ku Bikolwa by'Abatume 19, Pawulo bwe yayita mu njuyi eziri waggulu mu Efeso, n'asanga abayigirizwa." N'agamba nti, "Naye," n'agamba nti, "baali tebaabatizibwa mu linnya lya Kitaffe, Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu."

180 Ne mmugamba nti, "Nedda, baali baabatizibwa kubatizibwa 'kwa kwenenya,' so si kuggyibwako bibi. 'Kwali kwa kwenenya,' kubanga Yesu yali tannaba kumanyibwa. Ssaddaaka yali tennattibwa."

N'agamba nti, "Kati, ate lwaki baddamu ne babatizibwa?"

181 Ne mmugamba nti, "Omusajja eyalina ebisumuluzo, yagamba bw'ati nti, 'Kale mukitegeere nti tewali Linnya ddala wansi w'Eggulu eryaweebwa abantu, mwe mulina okulokolebwa.'"

182 Obulokozi buli mu Linnya lya Yesu Kristo mwokka. "Buli kye mukola mu kigambo oba mu kikolwa, mukikolenga mu Linnya lya Yesu Kristo." Teri linnya ddala, teri kkanisa, teri bufuzi bwa mitendera, teri bitiibwa, yadde ekintu ekirala kyonna! Ate nga, Ye kimuli kya Roza ekya Saloni, Eddanga ly'omu Kiwonvu, Emmunyeenye y'Okumakya, Alufa, Omega, Entandikwa n'Enkomerero, Yakuwa-yire, -lapha, -manase, bino byonna. Ye bino byonna, naye ate Ye. . .Tewali bulokozi mu bitiibwa ebyo byonna; *Yakuwa*, temuli bulokozi; *Ekimuli kya Roza ekya Saloni*, ate nga ky'Ali, temuli bulokozi; *Kitaffe, Mwana*, oba *Mwoyo Mutukuvu*, temuli bulokozi. Okuggyako mu

Linnya lya “Yesu Kristo!” Bayibuli n’egamba, nti, “Okwenenya n’okuggyibwako ebibi biteekwa kuyigirizibwa mu Linnya Lye, okutandikira mu Yerusaalemi, n’okutuuka ku nkomerero z’ensi.”

N’ambuuza nti, “Naye olowooza kirina kye kikyusa?”

183 Kye nnava mmugamba nti, “Ssebo, njagala mbeeko ne kye nkubuuza.” Nze naye, ne mukyala wange, twali tutudde awo ku mmeeza. Yali yaakajja. N’andaba, n’atandika . . . Ne ŋŋamba nti, “Ffembi tuli ba mu Arizona; tubeera wano. Era nze, era tumanyi olukiiko lwaffe olufuzi, n’ekitundu kyaffe, n’ebirala, ne mmeeya waffe, ne gavana waffe.”

N’agamba nti, “Weewaawo.”

184 Ne mmugamba nti, “Kati, singa nkugamba, ow’oluganda, nti, ‘Genda oteekeko omukono ojjeyo ssente zaffe ez’eky’emisana, mu linnya lya Gavana w’Essaza lya Arizona,’ osobola okugenda n’ossaako omukono bw’otyo? Olowooza abakola w’ojjirayo ssente ceeke eyo basobola okugikkiriza?”

185 “Weewaawo,” n’agamba nti, “sisuubira nga basobola okugikkiriza.” N’agamba nti, “Kati ekyo Yesu yayogera kyaki?”

186 Ne mmugamba nti, “Yiino ensonga lwaki yakyogera, olaba. Lwaki? Kubanga, bwe nkugamba nti ‘genda osseeko omukono tufune ssente ez’eky’emisana, mu linnya lya Gavana w’Essaza ly’Arizona,’ nga tuli batuuze mu Arizona, nga tumanyi bulungi Gavana y’ani, weewaawo, ojja kukimanya bumanya nti olina kuwandiikako linnya lya ‘Sam Goddard,’ okiraba.” Ne ŋŋamba nti, “Kubanga ye Gavana w’essaza. Sseetaaga kusooka kukubuuza. Gavana omumanyi. Bw’atyo, naye bwe Yagamba nti, ‘Kitaffe, Omwana, n’Omwoyo Omutukuvu,’ Yali amanyi engeri gye baali bagenda okubatizaamu. Baali bamanyi y’Ani. ‘Endiga Zange ziwulira Eddoboozi Lyange.’ Okiraba? Okiraba?”

N’agamba nti, “O, nkiraba.”

187 Naye kati, ekiddako, onaakikkiriza? Mukiraba? “Oyo awulira Ekigambo Kyange, n’akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw’emirembe n’emirembe.” Era Obulamu buno obuggya Obutaggwaawo bwe bubeera mu ggwe, Obulamu obwo bwe busobozi.

188 Bw’ofuna Omwoyo omutukuvu ono, gwe baafuna ku Pentekoote; bo be baali enkola entuufu, kati Amaanyi gaali galina okujja. Baali bakkiriza. Omanyi, mikwano gyaffe Ababaputisiti batugamba nti, “Bwe tukkiriza, tuba tumufunye.” Naye, baali tebannamufuna, ate nga baali bakkiriza.

189 Ebikolwa by’Abatume 19, baali bakkiriza, naye nga tebannamufuna. “Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?” Mukiraba? Enkola entuufu baagirina, bwe kiri, kubanga abatume baali . . . Manyanga, ntegeeza, Apollo yali abayigiriza era nga akakasa nga akozesa Bayibuli, Enkola

entuufu, nti Yesu ye Kristo, naye Amaanyi baali tebannagafuna. Mukiraba? Ky'ekyo. Kale.

190 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . -nkola, mu ngeri emu obeera olina omusingo, okulindirira.

191 Kaakati, bw'ofuna Amaanyi, obeera oweereddwa obulamu nga ovudde mu kufa oyingidde mu butafa. Galeetera omubiri gwonna okugondera Ekigambo. Gajja kukuleetera okweyisa mu ngeri ey'enjawulo, okulabika mu ngeri ey'enjawulo, okutambulira mu bulamu obw'enjawulo. Wenna gajja kukufuula wa njawulo.

192 Kaakati mulabeeyo . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . mwazuukizibwa. "Mmwe abaali baafiira mu bibi n'okwonoona, n'ekizikiza, Yabazuukiza." Yabazuukiza na ki? "Ne Omwoyo We eyazuukiza Yesu," ku makya ga Paasika, "okuva mu bafu. Era Omwoyo oyo bw'atuula mu mibiri gyammwe egifa," kaakati weetegereze, "nagyo Agizuukiza, agiwa Obulamu, agireetera okugondera Ekigambo."

193 Kati, oyinza otya okugamba nti olina Omwoyo oyo, ate n'osambajja Ekigambo? Ekibeera kyakuwa obulamu kibeera kintu kirala. Kubanga, Omwoyo oyo ajja kuwa obulamu emibiri gyammwe egifa agizze eri Ekigambo. Mazima ddala, Ajja kukikola.

194 Toyinza kudduka nga tomulina. Ojja kupipira bupipizi, bw'otaamukkirize yenna mu bujjuvu. Bw'obeera n'ekitundu ekimu nga mafuta nga ekirala mazzi, tolina gy'ojja kugenda. Okiraba? Olina kuba na mafuta, kikumi ku kikumi. Bw'otakikola, ojja kupipira bupipizi, nga tolina maanyi. Mukiraba? "Naye nze *kino* nki—nkikkiriza, naye *Ekyo* sikikkiriza," pomp-pomp-pomp-pomp. Tojja kuva mu kifo.

195 Naye, ha, bw'otwala ekijjudde! Omuliro ogwo ne gukyakako, buli Kigambo gabeera Mazima!

196 Kaakati mwetegeereze, nga bwe tumaliriza, mwetegereze kino. Mulabeeyo, kiringa a—akasigo akali mu ttaka.

197 Kaakati, mu ngeri emu oba endala, obeera ozuukidde. Obeera ozuukidde bw'ofuna Omwoyo Omutukuvu mu ggwe. Obeera ozuukidde mu kaseera ako kennyini. Omubiri gwo mu ngeri emu gubeera guzuukidde.

198 Tunuulira akasigo. Kasige mu ttaka. Kalina okunywa okuva mu nsulo Ye, amazzi agatonnya okuva waggulu. Era gye kakoma okunywa, kabeera keesindika waggulu nga kadda gy'Ali, nga keeyongera okufaanana ensigo eri eyasimbibwa mu ttaka. Mukiraba?

199 Ne Ekkanisa bw'etyo bw'ezze etambula, okuyita mu kuggyibwako omusango, okutukuzibwa, okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, kati eri mu kutojjera. Mukiraba? Omwoyo wa Katonda egyo gy'emitendera mw'azze ayita.

200 N'omwoyo gw'ensi guzze gutambulira mu mulabe wa Kristo, mu ngeri y'emu, era kati gutojjera mu kwegatta awamu kw'amakanisa okukulu, mukiraba, ekintu kyonna.

201 N'omuntu sekinnoomu egyo gy'emitendera mw'ayita. Buli kimu, kitambulira ku nkola y'emu, ku nkola y'emu eya Katonda, kubanga y'Omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Weetegereze, oli ku lugendo lwo, nga okula okutuuka mu bujjuvu bw'okuzuukira, nga okulemberwa Omwoyo!

202 Nga enjuba, e-n-j-u-b-a, bw'esika akamera ako akato akabeera kanywa okuva ku nsulo ya Katonda, ne kabeera nga . . . Mukiraba, kasobola kunywa kuva mu kintu kimu kyokka. Ggwe akasigo ako lumu ojje okayiweko amafuta; gajja kukatta. Bwe kiri. Ojje okayiweko ebizzi ebyalegama, amazzi ebibi, ebicaafu, bijja kukaziŋŋamya kaleme kukula. Tekajja kubala bibala. Si bwe kiri? Naye kayiweeko amazzi amalungi ag'enkuba, amiina, agataliimu biragalalagala byakolebwa bantu, leka gatonnye okuva waggulu, weetegereze akamera ako. Tewali mazzi gasobola kukakuza nga mazzi ga nkuba. Bwe mugatabulamu eddagala ly'omunnyu n'ebiringa ebyo, nga bwe mugezaako okubituwa, era, ekinaddirira, eddagala eryo lijja kutta ekimera ekyo.

203 Ogwo gwe mutawaana oguliwo leero. Bagezaako okubawa amazzi agava mu nsulo ey'ebibiina by'amadiini, ne gabaziŋŋamya ne batakula. Mukiraba? Naye leka afune:

> Gwakira awali amatondo g'okusaasira agatangalijja;
> Gwakaayakana okunneetoloola nzenna emisana n'ekiro,
> Yesu, Omusana gw'ensi.

Awo, obeera okifunye.

> Tunaatambuliranga mu Musana, Omusana ogwo omulungi ennyo,
> Gwakira awali amatondo g'okusaasira agatangalijja;
> Leka gwake okunneetoloola!

204 Ntegula ensulo zino ezaakolebwa abantu ozijje wendi! "Ssimanyiiyo nsulo ndala yonna, okuggyako Omusaayi gwa Yesu!" Eyo y'ensulo yokka gye njagala okumanya. Leka Ekigambo kituule mu nze, ayi Mukama; kifukirire n'Omwoyo Wo.

205 Mulabeeyo, kati, Omwoyo oyo eyazuukiza Yesu okuva mu ntaana, bw'aba nga atuula mu ggwe, mu ngeri emu oba endala olina Obulamu; nga okulemberwa Omwoyo, okufuula Ekigambo ekiramu gy'oli, okusobola okukikkiriza. Olwo akantu ako ne kagenda mu maaso nga keesindika waggulu nga bwe kakula.

206 Mulabeeyo, ku Pentekoote, emibiri gyabwe gyazuukizibwa eri Obulamu obuggya. Mulabe ekibinja ky'abatiitiizi.

207 Mbalwisizzaawo nnyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Mulabeeyo, nanti, kati mpulira nkoledde, mpulira bulungi. O, bannange!

208 Mwetegereze, baali bakyali batiitiizi. Mwetegereze. Naye, baalina Enkola entuufu. Mukiraba? Naye bonna baali beekukumye munda eyo, bawoza kimu, "Ha, nze mbatya. Ha, ntya okufuluma okubaako ne kye njogera, kubanga, ha, waliyo ba bisopu ab'amaanyi n'abalala aba buli ngeri wabweru eyo. Ha, ntya okukikola. Bakabona n'abalala, ntya okubaako kye njogera, ntya okwogera nti nnamukkiriza. Leka, ssisobola kukikola, mukiraba."

209 Naye, amangu ago, Amaanyi ne gajja. Weewaawo. Era Gaakola ki? Tegajjuza bujjuza myoyo gyabwe, munda, naye Gaawa amaanyi enkola yaabwe entuufu. Emibiri gyabwe gyafuna obulamu. Obutiitiizi bwabaamuka. Baagenda butereevu ne beŋŋanga abantu. Yee, ssebo. "Mmwe abasajja ab'omu Buyudaaya, nammwe abatuula mu Yerusaalemi!" Naye, Amaanyi bwe gaali tegannajja, baalina nkola ntuufu yokka. Mukiraba? "Mmwe abasajja abatuula mu Yerusaalemi, kino leka kimanyibwe gye muli, era muwulirize ebigambo byange! Bano tebatamidde, nga bwe mulowooza."

210 Nange ndi omu ku bo. *Kino* kye Kiri! Leka mbalage kye kiri. Kye Kyawandiikibwa. *Kino* kye Kiri! Era bulijjo ŋŋamba nti, "*Kino* bwe kiba si kye Kiri, leka nnyweze *kino* okutuusa Kiri lwe kirijja."

211 "Nedda, kino kye Kiri ekyayogerwa nnabbi Yoweri nti, 'awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri.'" Mukiraba, Amaanyi gaali gasse ku nkola entuufu. Baali tebakyatya.

212 Abamu ku mmwe abatya nti omukazi gundi ajja kukusekerera olw'okukuza enviiri, oba olw'okulekera awo okwesiiga eby'okwewunda; abamu ku mmwe abasajja abatya nti ekibiina kyammwe kijja kubagoba bwe munaabatiza abantu bammwe mu kubatiza okw'Ebyawandiikibwa; mwetaaga kweggalira mu kisenge ekya waggulu okutuusa nga Amaanyi gazze. Bwe kiri.

213 Gaababakyusa. Gaabazuukiza. Gaabafuula ba njawulo. Baafuuka bantu ba njawulo, okuva kw'olwo n'okweyongerayo. Gaabazuukiza, okuva mu bulamu obukadde obw'okubeera abatiitiizi, ne bafuuka nga Empologoma ey'ekika kya Yuda. Mazima ddala battibwa, baakomererwa ku misaalaba, baakomererwa nga babasulise, baayokebwa, baasuulibwa mu bunnya bw'empologoma. Nga tebakyalimu kutiitiira kwonna, mu bo. Okufa tekwayinza kubawangula, n'akatono. Amaanyi

gaali mu nkola entuufu. Yee, ssebo. Gaazuukiza emibiri gyabwe egifa.

214 Kaakati muwulirize. Kiikino ekirala, ekikakasa. Gaabazuukiriza ddala okutuusa nti (Mumanyi ekyabaawo?) baasitulibwa waggulu mu bifo eby'omu Ggulu, n'emibiri gyabwe egifa ne gizuukizibwa okutuusa lwe kyakyusa n'olulimi lwe boogera. Tega. . . Gaakyuusa olulimi lwe baali boogera. Bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Era, emibiri gyabwe egifa bwe gyazuukizibwa, n'olulimi lwe baali boogera lwazuukizibwa. Ebirowoozo byabwe byazuukizibwa. Emyoyo gyabwe gyazuukizibwa. Obulamu bwabwe bwazuukizibwa. Baazuukizibwa, okutwalira awamu! Baagezaako okwogera, naye nga tebakyasobola kwogera mu nnimi za bantu. Baazuukizibwa nnyo nnyini mu Kubeerawo kwa Katonda okutuusa lwe baayogera mu lulimi olupya, olulimi olw'omu Ggulu. Wuu! Nga Maanyi agazuukiza ag'ekitalo!

215 "Omwoyo oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu bw'aba nga atuula mu mmwe," o, aleruuya, "Ajja kuzuukiza emibiri gyammwe egifa." Ajja kubaleetera okukola ebintu bye mutakolangako. Kale baali bajjudde Amaanyi agazuukiza. Mukiraba?

216 Nga omubiri gwo tegukyafugibwa kibi; ggwe, okwegomba kwo.

Bwe wabaawo akugamba nti, "Jangu wano!"

Omugamba kimu nti, "Bunira."

"Ha, ffe tulina ekikyasinzeeyo obunene. . . "

"Bunira." Bannange, oli mpungu!

217 Mwali mulabye empungu bw'etambula nga teyeeguya? Tebuukabuuka nga nsega, mukiraba, kugenda buli awali ekifudde, na buli awali ennyama envundu egaŋŋalamye ku ttaka. Nedda, ssebo. Etambula yeenyumiriza mu ekyo ky'eri.

"Bunira."

"Bannaaye, *wano* eno waliwo ekijjulo ekirungi ennyo."

218 "Eby'engeri eyo sibyetabaamu. Labayo, nze bye njagala byakyuka. Kati nnyumirwa bintu bya njawulo. 'Kubanga omuntu taabenga mulamu lwa kubeerawo ku bintu bya nsi ebivundu kwokka, wabula ku lwa buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.'" Empungu yennyini eyazuukizibwa Ekyo ky'erya okubeera ennamu. Amiina!

219 O, era Yazuukiza Kristo okuva mu ntaana, kaakano ali mu ggwe, azuukizza omubiri gwo ogufa n'aguteeka mu Kubeerawo Kwe. Kati Ekigambo ekyo okitegeera. Tokyali nsega. Oli mpungu. Tokyayagala bintu bya nsi. Oli mwana wa Katonda ow'obulenzi n'ow'obuwala. Onywa okuva ku Nsulo ensi gy'etamanyiiko kintu kyonna. Ku Eyo kw'onywa.

Waliwo amanyi. . .Ensi terina ky'egimanyiiko. Olya Emaanu enkusike ensi gy'etamanyiiko yadde, kubanga oli mpungu. Wazuukizibwa n'oyimusibwa waggulu w'osobola okugifunira. Toyinza kugifunira wansi *eno*, olina kulinnya waggulu *eno*. Olina okuzuukizibwa, n'oyimusibwa okutuuka waggulu awo, n'Esobola okukuzuukiza.

220 Baakola ki? Baayogera mu lulimi olulala. Bayibuli egamba nti baakikola. "Baayogera mu buli lulimi oluli wansi w'Eggulu."

221 Osobola okulaba, emibiri egyo egifa egyali munda eyo, nga bagamba nti, "Naye, bannaaye, nze simanyi, oba kino nsobola okukikkiriza oba nedda"?

222 Naye amangu ago, ne bazuukizibwa mu maanyi ag'ekitalo okutuusa obuvumu bw'Empologoma ey'ekika kya Yuda lwe bwabakkamu, ne bukka ku Kinywa ekyo ekiwuubibwa. O, Empungu eyo yali ezze okuyita Abaayo! "Ne batayagala bulamu bwabwe okutuusa okufa." Amiina.

> Era waliwo abalala bangi abaliwaayo omusaayi gw'obulamu bwabwe
> Olw'Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu n'omugga gwayo ogw'omusaayi.

223 Era Omwana alina oku—okuddamu okubikkulwa nate, mu Mugole mu nnaku ez'oluvannyuma; Amaanyi agazuukiza galina okujja, okubazuukiza okuva mu bibiina by'amadiini bino ebifu n'ebikwate eby'enzikiriza, okudda eri Ekigambo kya Katonda omulamu. O!

224 Nedda, Gaabazuukiza ne gabatwala eri Obulamu obuggya. Gakola ekintu kye kimu gye tuli mu kaseera kano. Mulabeeyo, ku mulundi guli, baazuukizibwa mu ngeri ey'ekitalo mu Maanyi ago agazuukiza! Kati ndi. . .

Kati muwulirize n'obwegendereza. Ngezaako okubalaga.

225 Amaanyi agazuukiza tegaali munda mu mmeeme zaabwe mwokka, naye Gaali gabeetoolodde bonna. Te. . .Amaanyi tegajja, kuzuukiza buzuukiza kyokka, naye Gaazuukiza n'enkola entuufu. Mulaba kye ntegeeza? Baazuukizibwa mu ngeri ey'ekitalo okutuusa ennimi zaabwe lwe zaatandika okwogera olulimi olulala. Amaanyi g'okuzuukira kwa Kristo gaabazuukiza mu ngeri ey'ekitalo, okutuusa lwe baateeka emikono gyabwe. . .Baazuukizibwa Amaanyi agazuukiza mu ngeri ey'ekitalo, okutuusa nti, bwe baateeka emikono gyabwe ku balwadde, baawona. "Gaazuukiza omubiri gwo ogufa." Baawonyezebwa, bwe baabateekako emikono gyabwe.

226 Era Omwoyo yazuukiza okussa ekimu kwabwe ne Katonda, okutuusa nabo lwe baazuukizibwa mu ngeri ey'ekitalo mu kubeeerawo kwa Katonda okutuusa nti, omuntu bwe yabanga afudde nga emmeeme ye emuvuddemu, Omwoyo

yamukomyangawo eri obulamu. Amiina! Ekitiibwa! Kaakano mpulira nnyingidde mu mwoyo.

227 Bwe kiri, baazuukizibwa! Okuzuukira Kwe tekwali kukwe nga Ye yekka, wabula kwali kwa buli yenna ayagala, eri Ensigo eno eyateekerwateekerwa egalamidde awo. Azuukiza, azuukiza omubiri ogufa!

228 Baateeka emikono ku balwadde; ne bawona. Baasaba; nga basabira mu Mwoyo ne balaba okwolesebwa, ne bazuukiza abafu ne baba balamu. Bwe kiri. "Yazuukiza emibiri gyabwe egifa."

229 Bw'Ajja mu ggwe; bwe kiba nga ddala azze . . . Kati, osobola okukyogera nga ggwe nti azze; naye bwe kiba nga ddala azze, obubonero buno bugoberera okujja okwo, mukiraba. "Azuukiza omubiri gwo ogufa." Ajja kukuzuukiza.

230 Kati, mulabeeyo, okuzuukizibwa mu Kubeerawo kwa Katonda. Lwaki? Omwoyo wa Katonda ye yazuukiza Yesu okuva mu ntaana. Era, Omwoyo wa Katonda, "Mbawa Obulamu Obutaggwaawo," kiva mu kigambo eky'Oluyonaani, bwe muba musobola okunoonyereza amakulu gaakyo, *Zoe*, atambuza Obulamu obwo mu ggwe n'okuzuukiza (n'azuukiza) n'endowooza zaabwe.

231 Kati mulabeeyo. Oyinza kusinziira ku ki okugamba nti Omwoyo oyo atuula mu ggwe? Wadde oyinza okuba nga okoze buli kimu kyonna ky'olowooza okuba nti kituufu, buno bwe bukakafu kw'okakasiza nti Omwoyo oyo omulina oba nedda. Omwoyo oyo eyali mu Kristo bw'aba nga atuula mu ggwe, naawe Ajja kukuzuukiza eri Ekigambo, kubanga Ye Kigambo. Naye bw'aba, akontana nakyo, nga akuzuukiza akwawukanya na Kigambo, kitegeeza oyo si Mwoyo wa Katonda! . . . sifaayo biki by'okoze, okutuusa nga Omwoyo oyo akuluŋŋamya akutwala mu Kigambo. "Endiga Zange ziwulira Eddoboozi Lyange, era zijja kuba nnamu nga zirya buli Kigambo," buli Kigambo! Ekyo kye nnali njogerako luli.

232 Mmange anzaalira ddala, mu kaseera kano yasomoka, naye yali mukazi wa njawulo nnyo. Era yali, nga bwe mumanyi, yalimu omusaayi gw'Abayindi ba nnansangwa, naye yali wa njawulo nnyo. Naye yali muntu ataateranga kuloota. Naye sirowooza . . . Yaloota ebirooto nga bina oba bitaano byokka, mu bulamu bwe bwonna. Naye buli lwe yalootanga ekirooto, kyatuukiriranga. Buli lwe yalootanga ekirooto, kyatuukiriranga.

233 Nzijukira lumu bwe nnali nnaakatandika okubuulira, emyaka mingi egiyise. Twali tubeera kyengulu w'oluguudo wano, emitala eri. Nnali mbuulira wano wennyini mu kkanisa eno. N'aloota ekirooto, n'andaba nga nnyimiridde erudda wano ku mabbali g'amadaala asatu. Nga nnyimiridde, mbuulira eri abantu bonna, nga mbagamba nti bateekwa okulinnya amadaala gano asatu nga tebannatuuka ku luguudo olunene.

Nga ku luguudo olunene kuliko akakoloboze akeeru akalinga aka luulu, akagenda ne kayingirira ddala munda mu—mu miryango gy'Eggulu, okutuuka ku luggi olwa luulu. Era nga luulu eyo eyiiriddwa ku ngulu ku madaala gano. Obwo bwe buba si bwe Bubaka bwange bwennyini bwe mbuulira olwa leero: okuggyibwako omusango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu! Era nnali ŋŋamba nti omuntu alina okulinnyalinnya amadaala gano asatu, okusobola okutambulira ku luguudo olwo olunene. Era n'agamba nti . . .

234 Waaliwo omukyala eyajja. Kati, mumanyi bulungi ekika ky'engatto ze baayambalanga emyaka asatu mu etaano egiyise. Waaliwo omukyala eyajja, nga ayambadde engatto ennene nga ze bambala ensangi zino, engatto eza kakondo. N'ajja. Ne mmugamba nti, "Lindako katono, mwannyinaze. Oluguudo olwo tosobola kulutambulirako na ngatto ezo." Ne ŋŋamba nti, "To—to, tosobola kukikola."

235 N'agamba nti, "Ah!" N'agamba, n'atunuulira abakazi abalala, n'agamba nti, "Temukkiriza by'ayogera. Mulalu. Mulaba? Temukkiriza by'ayogera. Ŋŋenda kubalaga nti nsobola okuggyibwako omusango, ne ntukuzibwa, ne nzijuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu, ne nsigala nga ndutambulirako mu ngatto ezo." Era n'a . . . Nnamuleka n'akikola. Ssaalina kirala kya kukola, nnali siyinza kumuziyiza. Bw'atyo ne yeesogga oluguudo olunene. N'akyuka n'abaako mwannyinaffe omu gwe yatunuulira, n'amugamba nti, "Olaba, nakugambye!" N'atanula okudduka, n'a . . .

236 Mumanyi, nga Bayibuli bw'egamba, mu Isaaya, essuula 5, nti baliba n'ensingo "ezirarambadde." Balina okuba nazo; beesulise, mukiraba. "Nga bwe babigula . . ." Bateekwa okukikola, bateekwa okwetigoonyola, "Nga bwe babigula nga bwe batambula, nga bwe bakoona wansi obukondo bwabwe; mukiraba, bawala ba Sayuuni ab'omu nnaku ez'oluvannyuma."

237 Bw'atyo n'atanula okutambulira ku luguudo olwo olunene, nga bw'ayanguyiriza mangu nnyo nga bw'asobola. Era, bwe waayitawo akaseera, oluguudo ne lutandika okugenda nga lufunda ne lweyongera okufunda. N'atandika okutagala, n'agenda nga bw'abigula *bw'atyo,* era n'abulirayo.

238 Era maama yagamba nti, "Okulaajana okw'entiisa kwe nnali mpulidde mu bulamu bwange, kwali kwa mukazi oyo bwe yali agwa mu nnimi z'omuliro ezo n'omukka, nga akkirira wansi, bw'akkirira wansi bw'atyo." N'agamba nti, nze "kye nnava nkyuka ne ŋŋamba nti, 'Mukirabye?'"

239 Buli kimu kyonna yakigondera okuggyako Ekigambo kimu kyokka, mukiraba, buli kimu kyonna okuggyako Ekigambo kimu. Mazima ddala, abakazi Abapentekoote basobola okulokolebwa, ne batukuzibwa, ne bajjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu, naye ne balemwa. Awatali kubuusabuusa kwonna.

"Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva." Mukiraba? Mukiraba? Naye omukyala oyo Ekigambo ekyo yakimenya. Era nga bwe ŋŋambye, mukiraba, yali asobola okuyingira, awatali buzibu bwonna, naye mulaba, yalemwa okuwuliriza; bwe nnali mmugamba ekiri mu maaso. Ate nga Enjiri Yagiwandiika akozesa bayigirizwa, n'abatume, n'Enjigiriza y'abatume ne bannabbi, n'abalala bonna, naye era tebabawuliriza.

240 Kaakati wekkaanye Amaanyi gano agazuukiza, *Zoe*, gaaleeta Ekigambo, era endowooza eyali mu Kristo yali mu ggwe mu kiseera ekyo. Ngezaako okukulaga, nti, ggwe, bwe wazuukira. Katonda bwe yazuukiza Yesu okuva mu bafu, naawe, Yakuzuukiza. Era n'ozuukizibwa eri Obulamu, wamu Naye, era kati wazuukizibwa eri Obulamu, newankubadde mu kiseera ekyo wali mu birowoozo Bye kyokka, naye byonna Katonda yali yabiraba mu Ye, okutuusa ku kukomekkereza, olaba. Katonda bwe yatunula wansi ku mubiri . . .

241 Omwoyo yamuvaako, mu Lusuku Gesusemane. Yalina kufa, nga omuntu. Mujjukire, ab'emikwano, nti ekyo Teyalina kukikola. Yali Katonda. Katonda yafuka amafuta ku mubiri ogwo, ogwali omubiri ogw'obuntu. Naye Teya . . . Singa Yagendayo, nga Katonda, Teyandifudde kufa kwa ngeri eyo; Katonda toyinza kumutta. Naye Teyalina kukikola.

242 Naye, jjukira, Yagendayo wamu naawe nga oli mu Ye. Okiraba, kubanga, Katonda talina lwe yali ayawudde Omugole omukazi ku Mugole omusajja. N'olwekyo Katonda bwe yatunula wansi ku mubiri gwa Kristo, bombi Yabalaba omusajja n'omukazi. Bonna baanunulibwa mu mubiri gwe gumu ogwo. Mukiraba? Bali omu, bali kimu, bali Kigambo kye kimu. Ekigambo kye kimu, ekyayogerwa ku Mugole omusajja, kye kyogera ne ku Mugole omukazi.

243 Kati, Omugole omukazi ayinza atya okujja, ate n'alemererwa okwolesa buli kimu Omugole omusajja kye yasuubiza; n'Omugole omusajja n'ajja, naye n'Atabeera Mugole mukazi? Naye bwe Yakola buli kimu kyonna, n'okukikakasa n'akikakasa nga Azuukira okuva mu bafu, oluvannyuma, olwo o—Omugole omukazi tasaanye kukola kintu kye kimu, tasaanye kubeera ekyo kyennyini Ekigambo kye kyagamba ky'Alibeera mu nnaku zino ez'oluvannyuma? Omugole omukazi talina kukomawo okuyita mu Malaki 4? Talina kulabisibwa nga bwe kyali mu biro bya Sodoma? Ensi terina kubeera ekyo kyennyini ky'eri kati? Ebintu bino tebyolekera ddala Ekigambo kya Katonda ekitubikkuliddwa?

244 Kati, ab'emikwano, mmanyi mbalwisizzaawo nnyo, ebula eddakiika kkumi na taano okutuuka ku ssaawa z'eky'emisana, naye ob'olyawo we zinaawerera nnaaba mmalirizza. Naye mulabeeyo, mulabeeyo wano, nga kintu

kyennyini ekituukiridde. Ssimanyi ddi lwe ndiddamu kubalaba. Mukiraba?

245 Mulabeeyo, mwetegereze kino. Naye Katonda yalaba Omugole omukazi nga tannabaawo nga ali mu Mugole omusajja. Aleruuya! Mukiraba, okusobola okulokola Mukazi We, nga Adamu bwe yakola, Yalina okugenda Naye. Adamu kye yali akola yali akimanyi; Kaawa yali tamanyi ky'akola, naye Adamu yagenda ne mukyala we. Mukiraba? Bw'atyo ne Yesu yatwala ekifo kya Mukyala We n'afuuka ekibi ku Lulwe. Jjukira nti, Yafuuka ggwe, Yatwala ekibonerezo kyo, ggwe osobole okuyimirira mu kifo Kye. Yayimirira mu kifo kyo, ggwe osobole okuyimirira mu kifo Kye. Nga kwagala okunene! Nga kussa kimu okw'ekitalo! Tuyinza tutya okukusambajja? Mukwano gwange, tuyinza tutya okukola ekintu ekirala kyonna okuggyako okumwagala? Nsobola okukirwako okumala essaawa eziwera, naye leka tweyongereyokko mu maaso.

246 Nga obumanyirivu bwa pentekoote leero, n'okujja kw'Omwoyo Omutukuvu mu nnaku zino ez'oluvannyuma, nga bwe yasuubizibwa, kiringa ekyapa ekiraga obwannannyini. Mukiraba?

247 Kati, osobola okufuna ekyapa. Mazima ddala. Okiraba? Osobola okufuna ekyapa ky'ekifo, naye era ekyo tekitegeeza nti kati ekifo ekyo kikyo. Nedda, ssebo. Wasobola okujja omuntu n'ava gy'avudde n'agamba nti kikye. Naye bw'ofuna ekyapa ekiraga obwannannyini, kiba kimala okulaga nti buli kintu kyonna ekyali kibadde n'obwannannyini ku kifo ekyo obwannannyini obwo bukiggyiddwaako, okuviira ddala ku musingi. Si bwe kiri?

248 Bw'atyo n'omuntu bw'agamba nti akkiriza Ekigambo, kati Omwoyo Omutukuvu bw'ajja, y'Abeera ekyapa eky'obwannannyini. Era ekyo kikuwa olukusa, bw'obeera n'ekyapa ekyo eky'obwannannyini, nti buli kimu kyonna ekiri ku ttaka eryo kikyo, na buli kimu kyonna ekiririko kikyo. Amiina! Bwe kityo naffe kituwa ekyapa eky'obwannannyini, Omwoyo Omutukuvu bw'akka ku kyapa kino Katonda kye yalaba edda eri nga n'ensi tennatondebwa, n'ateeka erinnya lyakyo mu Kitabo ky'Obulamu; naye ne kizaalibwa omusajja n'omukazi, ne kiba nga kifugibwa ekibi, era nga kiriko omusango gw'ekibi. Naye bwe nnakkiriza Ekigambo ekyo, nnafuna ekyapa; naye Omwoyo Omutukuvu bwe yajja, Ye yali ekyapa eky'obwannannyini ekikakasa nti buli ekyali kinvunaanwa, oba mmange ye yakikola, oba kitange ye yakikola, oba jjajjange ye yakikola . . .

249 Nga omwana oli omuto, ow'ensimbu gwe nnasabidde eddakiika ntono ezaakayita, ze yajja ku bajjajjaabe. Nnagambye, nti ensimbu zajja zibalondoola, okukkakkana ne zikwata omwana.

250 Naye ekyapa eky'obwannannyini bwe kijja, Kizikutulako, ne kiggyawo buli kimu. Ne mba nga nze nnina ekyapa eky'obwannannyini. Amiina! Era nga Omwoyo eyazuukiza Kristo okuva mu bafu bw'ali owa nnamaddala, nnina ekyapa eky'obwannannyini ekikakasa nti ndi kitundu ku Mubiri ogwo, n'ekyapa eky'obwannannyini obw'Omwoyo Omutukuvu nga aleetera omubiri ogwo ogw'Ekigambo okwolesa obulamu bwe bumu ddala nga bwe Yayolesa mu Ye, nga bwe Yasuubiza mu nnaku ez'oluvannyuma. Ekyapa eky'obwannannyini! Ebibi byange byonna byaggyibwaawo, ebibi byo byonna byaggyibwaawo, n'Omusaayi gwa Yesu Kristo, era kati Omwoyo Omutukuvu azze nga ekyapa eky'obwannannyini Katonda kye yampa olw'ekisa, bwe yammanya nga sinnabaawo. O, bannange!

251 Otya ki? Ky'ova olaba Yagamba nti, "Totya; Ye nze Oyo eyali afudde naye kati ndi mulamu; era Ndi mulamu emirembe gyonna; era nnina ebisumuluzo by'okufa n'amagombe." Teweeraliikirira kintu kyonna. Ka kubeere okufa tekulikukola kabi konna. Weetegereze. Nga kiyitirivu obulungi!

Kati leka twanguweko.

252 Ekyapa eky'obwannannyini! Ebbanja lisasuddwa. Buli ekibadde kigamba nti kikirinako obwannannyini kikiggyiddwaako. Ha-ha-ha! Ekitiibwa! Nnyinza okweyisa mu ngeri etategeerekeka, naye mpulira bulungi. Mulabeeyo. Mukiraba? O, ekyapa eky'obwannannyini, ekyo mutegedde kye kitegeeza? Ekyo otegedde kye kitegeeza, ow'oluganda? Tewali kintu kiyinza kukikuggyako. Amiina. Nze nnannyini. Amiina. Nga ki . . .

253 Kyapa kya ngeri ki? Kati mmaze okugabana ku ebyo bye nnina okufuna, okuva mu kufa kwe, okuziikibwa, n'okuzuukira. Yafuuka nze, nze nsobole okufuuka Ye. Kati, Yafuuka omwonoonyi, nze nsobole okufuuka omwana, amiina, mbeere n'ekyapa eky'obwanannyini. "Kubanga obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza," mukiraba, ekyapa eky'obwannannyini!

Kati mangu nnyo, nga tetunnaba . . . Tusigazzaayo eddakiika endala nga kkumi.

254 Leka mangu nnyo, leka tulabe, Omwoyo bw'azuukiza. Ŋŋenda kubaako obubonero bwe mbalaga musobole okutegeera. Mulabeeyo, kati mulabe kiki, ekyo "Amaanyi agazuukiza" kye kyabadde eky'okuyigirizaako kyange. Omwana nga amaze okuzuukira, mulabe kye Gaabakola ku Pentekoote, kye Gaabakola, Amaanyi ago agazuukiza kye gaabakola. Gaabazuukiza.

255 Kati leka tulabe kye Gaakola ku Suteefano. Suteefano yali ajjudde Amaanyi agazuukiza. Si bwe kyali? Mulabeeyo, yali ajjudde Amaanyi agazuukiza. Tegaamufuula mutiitiizi. Yagamba nti, "Mmwe abakakanyavu b'ensingo era abatali

bakomole mu mitima gyammwe ne mu matu, lubeerera muziyiza Omwoyo Omutukuvu; nga bakitammwe bwe baakola, nammwe bwe mukola. Ani ku bannabbi eyalanga okujja kw'Oyo Omutukuvu, bakitammwe gwe bataakuba mayinja?" Ha, bannange! Ddala gaalina eky'enjawulo kye gaamukola. Mazima ddala, yali ajjudde Amaanyi agazuukiza.

Ne bagamba nti, "Omusajja oyo tugenda kumusaanyaawo!"

256 Era bwe yafa, baamukuba amayinja; okutuusa bambi lwe bamusesebbula omutwe, nga bwe bamuwuttula amayinja. N'ayimusa amaaso n'atunula waggulu n'agamba nti, "Ndaba Eggulu nga libikkuse." Amaanyi agazuukiza gaali gakola. "Ndaba Eggulu nga libikkuse, ne Yesu nga ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda." Amaanyi agazuukiza ekyo kye gaakola ku Suteefano.

257 Mwetegereze waaliwo omusajja omulala, eyalina Amaanyi gano agazuukiza, eyali ayitibwa Firipo. Yali ajjudde Amaanyi agazuukiza mu ngeri ey'ekitalo. Yalina olukuŋŋaana olunene e Samaliya. Emizimu gyali gigobebwa. Nga abantu baabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Nga balina olukuŋŋaana olulungi ddala. Omwoyo n'ayogera naye, ha, a—Amaanyi ne gakka, ne Gamugamba nti, "Olukuŋŋaana luno luveemu." Naye ate abaweereza banaagamba batya? Kye bagamba si nsonga. Mukiraba? Yali ajjudde Amaanyi agazuukiza. Yalina amafuta, era a—Amaanyi gaali gamusseeko. Gaamugamba nti, "Vva wano ogende mu ddungu."

258 N'asangayo omulaawe, n'amubatiza mu Linnya lya Yesu Kristo; omuntu omu, eyatwala Obubaka emmanga mu Esiyopiya. Si bwe kiri? Era yagondera Katonda.

259 Mu kugondera Katonda, bw'oba obadde tobatizibwanga mu Linnya lya Yesu Kristo, kikole, olabe Amaanyi agazuukiza bwe gakusitula oluvannyuma lw'okukikola. Okiraba?

260 Suteefano bwe yakola ekintu kino ekikulu. . .manya, si Suteefano. Naye Firipo bwe yakola ekintu kino ekikulu, okulekawo olukuŋŋaana olwo olw'amaanyi agondere ebiragiro bya Katonda, bwe yatuukiriza, olw'okuju. . .Bwe yabatiza omulaawe ono, nga agondera Katonda, yajjula Amaanyi agazuukiza mu ngeri ey'ekitalo okutuusa lwe gaamusitula ne gamutwala. "Ajja kuzuukiza omubiri gwo ogufa, bw'aba nga ye Mwoyo ono eyazuukiza Yesu okuva mu bafu." Yazuukiza Firipo n'ataddamu kulabikako ne gamujja awo, ne gamutwala ob'olyawo mayiro nga kikumi mu ataano, mu kitundu ekirala. Yazuukiza omubiri gwe ogufa. Yakikola atya? Yali ajjudde Amaanyi agazuukiza mu ngeri ey'ekitalo.

261 O, Ekkanisa ya Katonda omulamu, tetuyinza kubeera bubeezi wano kuyonka mabeere ga sukaali gano ge tuyonka leero. Tulina okujjula n'okusabira ddala, nga tulina Amaanyi agazuukiza, okutuusa ku kuzuukizibwa kw'Omwoyo

Omutukuvu! Lumu, tulina okusitulibwa, mu Kukwakkulibwa okwo okw'okubaawo. Yee, ssebo. Amiina! O, bannange!

262 Munsonyiwe okukozesa eky'okulabirako kino. Mbadde ndowooza ku maama akola obusawo obwo obutono, bwe twawanga, abaana abawere. Abamu ku mmwe ba maama abakulu mubujjukira. Omwana omuwere bwe yakaabanga; nga otoolayo ku nsaano ya kaawa ne sukaali, n'obiteeka mu kasawo n'okamuwa n'akanuuna, okumukkakkanya. Tebibaamu maanyi. Biba bigenda kumutta bussi. Mukiraba? Ekirungo ekyo ekya kafeyini ekirimu, n'ebirala, ne ka sukaali k'oteekamu asobole okubimira, biba bimuyingizaamu kafeyini.

263 Eby'engeri eyo tubikooye. Muddeeyo! Muli mpungu; muddeeyo ku Kigambo kya Katonda! Beera n'embavu; nga tewali kiyinza kukosa nneewulira zo, obeere wa ddembe okuva eri ebikolobero by'abantu byonna. Nga buli kintu kyonna omuntu ky'akwogerako, kyongera kuleeta kwagala. Amiina. Era, Amaanyi agazuukiza, gakusitule otwalibwe mu bifo eby'omu Ggulu, nga empungu ebuuse n'etumbiira waggulu w'enkoko, waggulu eri mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu! O!

Ge gaali ku Firipo. Ge gaamuzuukiza, ne gamusitula ne gamutwala.

264 Leka tulabeyo omusajja omulala. Waaliwo omusajja eyali ayitibwa Enoka. Kati, yali atambulidde mu buli Kigambo kya Katonda kyonna, okumala emyaka nga ebikumi bitaano. Yalina obujulizi, obugamba nti, "Tewali mulundi n'ogumu lwe nnali nnemereddwa kutambulira mu Kigambo Kye." Yajjula Amaanyi agazuukiza mu ngeri ey'ekitalo Amaanyi bwe gaamukkaako, bwe gakka ku Nkola eyo ennuŋŋamu, n'okufa teyafa; yagenda bugenzi Waka. Yatandika butandisi kutambula. Yajjula nnyo . . . Nga Firipo, yajjula Amaanyi agazuukiza mu ngeri ey'ekitalo, mu kifo ky'okugenda e Gaaza n'okubaako ebifo ebirala gy'agenda, gye, baamusanga engulu eri mu njuyi eza waggulu eyo. Mu kifo ky'okugenda eyo, yagenda bugenzi, ha, n'agamba nti, "Ndaba era, ndi musajja mukadde. Kasita nzijudde Amaanyi agazuukiza agawerera ddala, leka ntambule butambuzi nve ku nsi."

265 Ago ge Maanyi agazuukiza ge gamu naffe ge tulina mu kiseera kino. Mukiraba, Gajja kuzuukiza omubiri gwo ogufa. Si bwe kiri? Ago ge Maanyi agazuukiza.

266 Enoka, nga alina obujulizi obwo obwa nnamaddala, obugamba nti, "Buli kimu kyonna Katonda kye yaŋŋamba okukola, nkikoze. Buli kimu kyonna kye nnalaba kye Yaŋŋamba okukola, nkikoze." N'ajjula a—Amaanyi mu ngeri ey'ekitalo, manyanga—manyanga Enkola ennuŋŋamu, okutuusa nti, Amaanyi agazuukiza bwe gaamukkako, ne gakka ku Nkola eyo ennuŋŋamu, Gaamusitula busituzi ne gamutwala waggulu. N'atambula n'ava ku nsi, n'agenda mu Ggulu.

267 Kaakati, kati mwekkaanye, Eriya. Oluvannyuma… Mulabeeyo, Eriya, nnabbi oyo ow'ekitalo, omusajja eyaliwo mu biro bye. Munsonyiweko. Ow'oluganda, mwannyinaze, mu biro ebyo yagugumbula abakazi abo abeesiiganga langi, ba Yezebeeri abo ne ba Akabu. N'ayimirira…Era kyalabikanga, awataali muntu yenna, yali akkiriziganya naye. N'anenya, n'ayuzaayuza buli kimu, n'ayimirira awo, era Katonda yamulabirira n'amuyamba mu buli kifo kyonna. Mumanyi, musajja mukulu oyo lumu yakoowa. N'agamba nti, "Kati nkaddiye, sikyayinza kweyongerayo." Ndowooza, yali anaatera, okuweza emyaka ekyenda; nga akaddiyidde ddala, nga bw'agenda atalaaga eyo yonna, naye yali ajjudde Amaanyi agazuukiza mu ngeri ey'ekitalo. Mumanyi ekyabaawo? Yatunula emitala wa Yoludaani.

Ai Katonda! Kyenkana nsobola okulengera emitala w'eri. Mmwe temulengerayo?

268 Yali ajjudde Amaanyi agazuukiza amayitirivu, okutuusa nti, yalengera eggaali nga lirengejjera mu bbanga, embalaasi ez'Omuliro n'eggaali ery'Omuliro, nga birina we biri mu bbanga awo waggulu w'omuti. N'atambula n'asomoka omugga n'agenda Eka, nga tafudde. Amaanyi agazuukiza gaatuma, gaaleetera eggaali eva mu Ggulu n'ekka wansi n'emutwala waggulu. N'omunagiro gwe n'agweyambula n'agukasukira Eriya. Bwe kiri.

269 Kaakati, ekyaddirira omusajja oyo kwe kulondawo omunagiro ogwo, ekifaananyi ekyoleka Ekkanisa nate era, mukiraba, yalondawo omunagiro ogwo. Kati, yakola ebyamagero nga bikubisiddwamu emirundi ebiri, ekifaananyi ekyoleka Kristo n'Ekkanisa. Mukiraba? Eriya we yakola ebina; ye yakola munaana. Mulaba, kati, ya—yalina amaanyi nga gakubisiddwaamu emirundi ebiri, kubanga yagasaba. "Mulikola n'ebisinga ku bino bye Nkola." Mukiraba? Naye yali ajjudde Amaanyi agazuukiza mu ngeri ey'ekitalo, na buli kimu, okutuusa nti yakola bino byonna, nga bikubisiddwaamu emirundi ebiri, ku ebyo Erisa bye yakola, nga bisinga ku bye yakola. Naye mulabeeyo, yawangaala n'atuuka ku myaka nga kinaana oba kyenda, n'akaddiwa era—n'afa. Yafa, era ne—ne bamutwala ne bamuziika.

270 Naye, mumanyi, Amaanyi ago agazuukiza tegaamuvaako. Oluvannyuma lw'emyaka, n'emyaka nga amaze okufa n'okuziikibwa, nga omubiri gwonna guvunze guwedde ku magumba ge, nga agalamidde mu ntaana. Lwali lumu baali beetisse omulambo gw'omusajja, ne balengera omulabe, omulambo gw'omusajja ono ne bagusuula eri ne gugwa ku magumba ga Erisa. Amagumba ago gaalimu Amaanyi agazuukiza amayitirivu okutuusa nti gaazuukiza omusajja n'abuuka n'addamu obulamu. O!

271 "Ajja kuzuukiza omubiri gwo ogufa." Wadde yali yafa nga n'okuvunda yavunda mu ntaana gye yaziikibwa, naye Amaanyi ago agazuukiza gaasigala gakyali ku ttaka eryo. Aleruuya! Uh! "Oyo eyazuukiza Kristo okuva mu bafu n'omubiri gwo ogufa aliguzuukiza." Eriya edda eri, Erisa ne Eriya . . .

272 Mujjukire, omusajja oyo eyali afudde, ne nnabbi oyo, eyali ajjudde Amaanyi agazuukiza, mu ntaana eyo gye yali yaziikibwa nga n'okuvunda yavunda; mu ye mwalimu Amaanyi agazuukiza ag'ekitalo, okutuusa nti, bwe baamusuulako omuntu eyali afudde, yazuukira. Kitegeeza yali akyasobola n'okuteeka emikono ku balwadde, si bwe kiri? Amiina. Kiikyo.

273 Era mujjukire nti, tuli nnyama ya nnyama Ye, Yesu Kristo. "Tuli nnyama ya nnyama Ye, era magumba ga magumba Ge." O, tewali bwe tuyinza kukisubwa. Tujja kuzuukira, tewali kirala. Ojja kuzuukira, tewali kirala.

274 Paasika etegeeza kinene nnyo okusinga okubeera akalombolombo obulombolombo. Era mu kaseera kano kennyini, emibiri gyaffe we gizuukizibwa wamu Naye era tutudde mu bifo eby'omu Ggulu.

275 Era omubiri guno gusobola okuvundira mu nnyanja; gusobola okuvundira mu ttaka; ne watasigala wadde ekijiiko ky'evvu lyagwo; naye gulizuukira. Kubanga, Omwoyo oyo eyazuukiza Mukama wange okuva mu bafu azuukizza omubiri guno ogufa. Azuukizza omubiri gwo ogufa. Era ffe abaganyulwa mu kuzuukira Kwe, yinsuwa Ye ey'Obulamu Obutaggwaawo gye ntera okwogerako ennyo, nga bwe mumanyi. Ky'ova olaba Yagamba nti, "Totya." Yali amanyi ky'ayogerako.

276 Kubanga nga Pawulo bwe yagamba nti, "Kufa, empiso yo eri luuyi wa? Magombe, obuwanguzi bwo buli luuyi wa? Nzijudde Amaanyi agazuukiza. Katonda yeebazibwe, Oyo atuwa obuwanguzi okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo." Yee, ssebo! Amaanyi agazuukiza. O, bannange!

277 Mulamu emirembe gyonna, "abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Abaebbulaniya 13:8. Mulabeeyo, Masiya, Oyo eyafukibwako amafuta; n'Omugole We bwe batyo bwe bali, ba Masiya abatono, mukiraba, Oyo eyafukibwako.

278 Mulabeeyo, okufa tekuziyiza Maanyi ga Katonda agazuukiza. Okufa tekuyinza kugaziyiza. Bw'ogafuna, Gabeera ga Butaggwaawo. Tewali kintu kyonna kigenda kugaziyiza. Toyinza kugafuga; tosobola—tewali ky'oyinza kugakola. Obulamu bwo ne bwe bukoma, ekyo tekigaziyiza; Gasigala gakyakola nga bwe gabadde.

279 Mulabeeyo, Musa yali ajjudde Amaanyi ago agazuukiza. Bwe kiri? Yali nnabbi Ekigambo gwe kyaggyira. Yali kitundu ku Kigambo. Ye yali Ekigambo ky'ekiseera ekyo. Si bwe kiri? Naye oluvannyuma lw'okufa kwe, nga wayiseewo emyaka lunaana, yalabika ku Lusozi olw'Okufuusibwa, nga ayimiridde, ne Eriya.

Si bwe kyali? Amaanyi agazuukiza, okufa tekugaggyawo. Nedda, nedda. "Ndiguzuukiza nate." Bamalayika bajja; ne bamuziika eyo mu kiwonvu. Yali yavunda nga yaggwaawo, nga amagumba ge gaggwaawo, na buli kimu kyonna, naye Amaanyi agazuukiza gaali gakyaliyo. Gaamuzuukiza ne gamuggyayo. N'alabibwa, nga ayimiridde awo. Mulabeeyo.

280 Oyinza okumbuuza nti, "Ddala ekyo kituufu, Ow'oluganda Branham, oluvannyuma lw'emyaka lunaana?" Ha, bannange!

281 Ssinga osoma mu Matayo, nnina Ekyawandiikibwa ekyogera ku ekyo, Matayo 27:51. Asobola okukiwandiika, kiwandiike. Abo bonna abaaliwo mu biro biri, abaali bakkiriza nti Alijja . . . Bayibuli egamba wano nti, we Yajjira, baali beebase mu ttaka. Baaliko Amaanyi agazuukiza, era baali kitundu ku Ye, abatukuvu abo. Baali kitundu ku Ye, kubanga baali baamukkiriza.

282 Mu ngeri emu Obulamu obwo baabulina, okuyita mu ssaddaaka y'endiga, gye baawangayo nga omutango, eyali tesobola kukomyawo mwoyo gwa ndiga kukka ku muntu. Olwo kiri kitya kaakano Omwoyo w'Omuntu, Katonda Mwene, bw'akukkako, mukiraba, nga tulina Amaanyi agazuukiza ag'ekitalo agasinga ku gali! Naye okuyita mu mutango ogwaweebwangayo olw'ekibi omwana gw'endiga gwaweebwangayo, nga ekifaananyi ekirina kye kyoleka. Naye ffe tetulina kifaananyi bufaananyi; tulina ekyannamaddala kyennyini. Tutya ki? Nga abasajja bali baalina kifaananyi bufaananyi, ekyali kisonga ku kuzuukira Kwe, naye ne bagenda nakyo mu ntaana.

283 Nga Yobu mu biro biri mu kunyigirizibwa okw'amaanyi kwe yayitamu, bannange, buli kimu bwe kyamuggyibwako! Ssetaani bwe yagamba nti, "Mumpeemu. Nja kumuleetera okukwegaanira mu maaso Go." N'amugolokokerako.

284 N'amugamba nti, "Totwala bulamu bwe." N'amukola byonna (ye) bye yamukola nga oggyeeko okutwala obulamu bwe.

285 Ne mukyala we yennyini yamwabulira. Yagamba nti yali takyamanyi mukka gwa kamwa ke. Amakulu nti, yali—yali takyayagala kumanya bimukwatako. Nga alinga atakyamwagala, nga amusindiikiriza busindiikiriza eri. "Yobu, ennaku ekuyinze! Lwaki tokolimira Katonda, n'ofa?"

N'amugamba nti, "Oyogedde nga omukazi omusirusiru." Ha, bannange!

286 Mukiraba, yanywerera ku kye yalina. Kati, yali nnabbi. Yagamba nti, "Siri mwonoonyi. Nnawaayo ssaddaaka gye nnali nneetaagibwa okuwaayo." Amiina. Yali amanyi we yali ayimiridde. Yali ayimiridde ku Kigambo. Abalala bonna ne bwe baayogera ebyenkana wa, yali anyweredde mu Kigambo. Awo mu kaseera ako akazibu . . . Yamugamba nti, "Oyogedde nga

omukazi omusirusiru." N'amugamba nti, "Mukama y'awa, era Mukama y'aggyeewo; kale, Erinnya lya Mukama lyebazibwe!" N'agamba nti, "Sirina kye najja nakyo mu nsi muno. Najja, ndi bwereere, era bwe ndiddayo. Erinnya lya Mukama lyebazibwe!" Nga atudde awo, yenna ajjudde amayute, abaana be bafudde, ayavuwadde, nga ne mikwano gye gyonna gimwabulidde, ne ba mmemba b'ekkanisa ye, n'abalala bonna, nga yeyaguza lu. . . Nga yali ssewannaku! Tewali n'omu ku mmwe yali ayise mu mbeera nga eyo. Naye, n'anywerera ku Kigambo.

287 Yali mpungu. Ha, bannange! Toyinza kumusiba kantuntunu lubeerera. Nedda, nedda. Amangu ago, nga anyweredde ku Kigambo ekyo, kiki ekyabaawo? Ebire byeyerula, ne wabaawo okubwatuka, ebimyanso ne bitandika okumyansa, Yobu n'asitula amaaso ge n'atunula waggulu n'alaba okwolesebwa, n'agamba nti, "Mmanyi nga Omununuzi wange mulamu. Mu nnaku ez'oluvannyuma Aliyimirira ku nsi eno. Era wadde envunyu ziriba zizikirizza omubiri guno, amagumba na buli kimu, naye Amaanyi ago agazuukiza galiba gakyaliwo. Ndiraba Katonda nze mwene, Oyo gwe ndiraba nze mwene. Amaaso gange galimutunuulira so si mulala." Si bwe kiri? "Wadde emmeeme yange eriba emaliddwaawo munda yange, wadde nga envunyu eziri mu mubiri gwange kaakano, ziriba ziguzikirizza."

288 Omanyi, envunyu z'omubiri tezijja buzzi. Envunyu ezo zisangibwa zikulimu, nvunyu za mubiri gwo. Ekyo mubadde mukimanyi? Ne bwe bakuteeka mu ssanduuku, ne bagiggala nga n'empewo terina w'eyita kukutuukako; era, envunyu zijja kukulya, kubanga ziri mu ggwe. Oli ntuumu ya biwuka mu ggwe, okusookera ddala, munda mu ggwe.

289 "Wadde nga envunyu z'omu mubiri, envunyu z'omubiri gwange ne bwe zinzikiriza, ne zizikiriza omubiri gwange, naye era mu mubiri gwange ndiraba Katonda."

290 Era ku makya gali ag'okuzuukira! Ekitiibwa! Aleruuya! Matayo, omuwandiisi ono ow'ekitalo, 27:51, yagamba nti, "Bwe Yamala okuzuukira okuva mu bafu, nti abatukuvu ab'Endagaano Enkadde, bangi ku abo abaali beebaka mu ttaka ly'ensi, ne bava mu ntaana, ne bayingira mu kibuga era abantu bangi ne babalaba." Amaanyi ago agazuukiza, gaasigala gakyali ku magumba ga Eriya amagumba ne bwe gaali tegakyaliwo, gaasigala gakyali ku Yobu ne bwe waali tewakyali wadde ekijiiko ky'ettaka ekyali kisigaddewo ku mubiri gwe. Naye Amaanyi agazuukiza gaali gakyalimu.

291 "Omwoyo ono eyazuukiza Yesu okuva mu bafu bw'abeera mu ggwe, n'omubiri gwo ogufa Aliguzuukiza." Kaakati mulabeeyo, mangu nnyo.

292 Oyinza okugamba nti, "Ha, kale singa nnaliwo mu biseera ebyo. . . " Oli mu kiseera ekirungi okusinga kiri. Kaakati singa mwenna. . .

293 Ndaba muwandiika wansi Ebyawandiikibwa. Kati, muwandiike Abasessaloniika Ekisooka 4:16. Mulabe nga bwe kiri ekirungi, olaba. Mu. . . "Abatukuvu, abo abeebakira mu Kristo, Katonda alibazuukiza wamu Naye," mukiraba, abatukuvu abali mu ntaana, abawummudde. Abamu balitwalibwa nga Eriya bwe yatwalibwa; abamu nga Erisa; mukiraba, abamu ku bo balizuukizibwa, abamu balitwalibwa, ate abamu baliba mu ntaana. Baligenda Naye. "Ekkondeere lya Katonda lirivuga, era abafu abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira. Naffe abalamu abaliba bakyaliwo tulisitulibwa wamu nabo, okusisinkana Mukama waffe mu bbanga." Amaanyi agazuukiza ku abo abalamu; n'Amaanyi agazuukiza ku abo abaafa. Mukiraba?

294 Amaanyi ga Katonda agazuukiza ge gamu geeyolekera mu bannabbi bano bombi. Tunuulira amannya gaabwe, kyenkana gafaanagana, Erisa, Eriya. Mulaba Omugole omukazi n'Omugole omusajja? Omu ye Mw. Yesu; ate omulala ye Muky. Yesu. Mukiraba, kyenkana be bamu, enjawulo—enjawulo yokka eriwo—kwe kuba nti omu Musajja ate omulala Mukazi. Mukiraba?

295 Eriya, kati mulabeeyo engeri gye kyayolesebwa wano. Kati, Erisa. . . Yasitulibwa mu kukwakkulibwa, yali ayoleka Kkanisa, kale, Eriya; ate Erisa ye yawummula okutuusa okuzuukira. Mukiraba? Kiringa ekinyonyi, bwe kyetaaga ebiwaawaatiro bibiri okusobola okwetengerera. Mukiraba? Ekkanisa yali yayolesebwa awo wennyini mu bannabbi abo ababiri. "Kubanga ffe abaliba bakyaliwo okutuusa ku kujja kwa Mukama waffe, tetuliziyiza bali abeebaka; kubanga Ekkondeere lya Katonda lirivuga," ebiwaawaatiro byombi biryegatta wamu, tubuuke, aleruuya, tubuuke tugende. Kubanga, (lwaki?) oba mu balamu, oba mu abo abaafa, Amaanyi ago agazuukiza gasigala gakyaliwo.

296 Mwetegereze. Mujjukire, kati mujjukire nti, tuzuukizibwa okusobola okulaba ebintu bino kiki kye biri. Mulabe Amaanyi agazuukiza ag'ekiseera kino. Mujjukire nti, twazuukizibwa. Jjuuzi wano ebbanga si ddene, olw'okuyamba. . .

297 Era ndo—ndowooza Mukama waffe ye yakyogera, wamu ne Pawulo nti, "Ebyo Kitange bye yandaga, sseekekanga kubibabuulira. Mbibabuulira." Era mu nnaku zino ez'oluvannyuma bwe tulaba Amaanyi Ge agazuukiza nga gatuliko, Yatuwa n'Amaanyi agazuukiza, okusobola okulaba abalwadde nga bawonyezebwa. Tulabye Amaanyi agazuukiza nga gakola mu makkati gaffe, nga bwe Gaakolanga ku b'omu nnaku ezaasooka, mukiraba, tugalabye nga Gazibula amaaso n'okuzuukiza abafu, tugalabye nga Gawonya abalwadde.

298 Luli nnina gwe nnali njogera naye, omuto Donavon Weerts, ndowooza mwenna mumumanyi. Nnali ŋŋenze naye okuyigga.

Musajja wattu bambi. . .Musajja mulungi. Asabira mu kkanisa wano. Ajja ku. . .Mukwano gwange omulungi ddala. Era ya. . . Yaŋŋamba nti, "Ssaayagala kukutawaanya."

299 Nnamwetegereza, nga okutu kwe, kwenyodde, bwe kuti. Ne mmubuuza nti, "Oli otya, Donavon?" Ne mmukwata ku mukono, *bwe ntyo*, nga alina kookolo. Kye nnava mmubuuza nti, "Donavon, okutu kwo kwaba ki?"

300 N'aŋŋamba nti, "Simanyi, Ow'oluganda Branham. Kumaze emyezi nga mukaaga, oba musanvu nga kuli bwe kutyo, ate kweyongera. . . "

Ne mmubuuza nti, "Lwaki wasirika n'otakyogerako?"

301 N'agamba nti, "Ssa—ssaayagala kukutawaanya, Ow'oluganda Branham."

Kye nnava mmubuuza nti, "Okimanyi kye kiri?"

N'agamba nti, "Ndabika nkimanyi."

302 Ne mmuteekako omukono gwange, ssaayogera kigambo kyonna. Oluvannyuma lw'ennaku bbiri, tewaaliwo yadde enkovu. Kiki ekyo? Ago ge Maanyi agazuukiza, mukiraba, Gajja kuzuukiza omubiri gwo ogufa. Okutu kwe kwandiriiriddwa ne kukutukako, obwongo bwe bwandigenze, mukiraba, yandifudde. Naye, Amaanyi agazuukiza! Mukiraba?

303 Era lumu bwe nnali nnyenjebuse, nze kennyini, nga. . . Nnagamba nti, "Bw'oba. . .Nkubuulira, genda bugenzi mu maaso, oli wa myaka ataano. Ggwe, bw'oba ow'okubaako ekintu kyonna ky'okolera Mukama, tera okikole mu bwangu. Otandise okukaddiwa." Mukiraba? Naye ku olwo ku makya, Amaanyi agazuukiza ne gajja, n'Anzikiriza okulengera ebusukkaggigi, ne mbalabayo mwenna. Uh-huh. Mukiraba? Yaŋŋamba nti, "Bonna be wali oyagadde, na bonna abaakwagala, bakuweereddwa." Mukiraba? Bonna nnabalaba nga baali eyo bwe batyo. Kyali kiki? Amaanyi agazuukiza.

304 Yokaana eyawandiika ekitabo ky'okubikkulirwa yajjula Amaanyi agazuukiza, n'ayimirira n'alaba enkomerero ku lubereberye.

305 Isaaya yajjula Amaanyi agazuukiza, n'ayimirira n'alaba okufuga okw'emyaka Olukumi n'ebirala.

306 Amaanyi agazuukiza! "Era oba nga Omwoyo oyo eyazuukiza Kristo okuva mu bafu, abeera mu ggwe, n'omubiri gwo ogufa Aliguzuukiza. . .omubiri ogufa." Jjukira nti, Maanyi agazuukiza!

307 Mulabe bye tulabye mu kiseera kino. Amaanyi agazuukiza gazze gye tuli, okubikkula Obubonero Omusanvu. Kyali kiki ekyo, gaali magezi ga muntu? Nedda, gaali Maanyi ga Katonda agazuukiza. Amaanyi ga Katonda agazuukiza gaalanga nti kino kyali kya kubaawo. Mukiraba, Amaanyi ga Katonda agazuukiza

gaaleetera ensi okumuwaako obujulizi, nti ge Mazima. Malayika wa Mukama, gwe nnabagamba, eyaliwo, mu Mpagi y'Omuliro; Amaanyi agazuukiza gaaleetera ensi okumuwaako obujulizi nti ddala Mazima. Era, mu ekyo, baali tebamanyi ky'Ali; naye ffe twali tukimanyi, twakikyusaamu bukyusa *bwe tuti*, okulaba nga Ye Mukama waffe y'ali waggulu awo, mukiraba.

308 Ye Wuuyo Eyabikkula Obubonero obwo. Ye Bubonero obwo, kubanga Ekigambo kya Katonda kyonna ye Kristo, era Kristo ye Bubonero obwabikkulwa. Kati okubikkulwa kw'Obubonero kye kiki? Kwe kubikkula Kristo.

309 Era Bamalayika bennyini omusanvu, abaali bakiikiridde Amakanisa Omusanvu bonna baggwaayo, naye ne tutasobola kukiraba. Bo bennyini, be baakuba ekifaananyi, si ffe. Nga Ye wuuyo, ayimiridde awo, Omulamuzi Ow'oku ntikko; nga alaga nti Ye Alufa era Omega, entandikwa era enkomerero. Nga kweyoleka okw'ekitalo! Ekyo Amaanyi agazuukiza ge gaakitukolera.

310 Amaanyi agazuukiza ge gaatusobozesa okulaba okujja Kwe. Amaanyi agazuukiza ge gaatukwakkula ne gatujja mu kufa ne gatuleeta eri Obulamu. Amaanyi agazuukiza ge gatuwa okutegeera; ne tusobola okumanya ekikutawaanya, na kiki ky'olina okukola; kye wakola, ne ky'otaalina kukola; ne kye walina okukola, ne ky'oliba. Amaanyi agazuukiza, ge gakola ebintu bino byonna!

311 Mukama waffe Yesu ajjudde Amaanyi agazuukiza agatenkanika, Gaali gamujjudde, Yenna. Yali ajjudde Amaanyi agazuukiza agatenkanika, n'Agamba nti, "Muzikirize omubiri guno, Nnaaguzuukiza mu nnaku ssatu." Yogera ku buvumu obuli mu Maanyi agazuukiza! "Muzikirize omubiri guno, nange Nnaa. . .yeekaalu eno, nange Nnaagisitula mu nnaku ssatu."

312 Lwaki, lwaki Yasobola okwogera bw'atyo? Yali akimanyi nti kyamuwandiikibwako, mukiraba, nti kyamuwandiikibwako, mu Kigambo kya Katonda ekitayinza kulemererwa. Ekigambo kyagamba nti, "Siriganya Mutukuvu Wange kulaba kuvunda, newankubadde okuleka emmeeme Ye e magombe." Era Yali akimanyi nti Amaanyi ago agazuukiza gaali ga kumuzuukiza, nti tewaali wa kubaawo wadde akatoffaali n'akamu akavunda.

313 Yagamba nti, "Yeekaalu eno mugizikirize, nange Nja kugizzaawo mu nnaku ssatu."

314 Lwaki? Bwali bunnabbi, kyali Kigambo kya Katonda. Ate obunnabbi, bwe Kibeera Kigambo kya Katonda eky'amazima, tebusobola kulemererwa. Era obunnabbi bwe bumu n'Ekigambo kya Katonda ekyagamba nti Alimuzuukiza, kigamba nti naffe twazuukizibwa dda wamu Naye. Ky'ova olaba Yagamba nti, "Temutya." Era kyawandiikibwa nti, "Omwoyo oyo kaakano, eyali mu Ye, kaakano ali mu ffe, naffe azuukiza omubiri

gwaffe ogufa." Temutya, ab'emikwano, O-m-w-a-n-a avuddeyo. Omwana avuddeyo. Ssi . . .

315 Kati mulabe mu kufuusibwa. Fenna, buli omu ku ffe, yakiikirirwa. Waaliwo abatukuvu abalamu abaakwakkulibwa, waaliwo Eriya nga ayimiridde awo; waaliwo ne Musa nga ayimiridde awo, abatukuvu abaafa nga bakiikir- . . . Era, bombi baalina Amaanyi agazuukiza. Wadde omu yali yafa, nga omulala teyafa, naye bonna baaliwo.

316 Mulabeeyo, ha, mulabe kye tulaba kaakano mu nnaku zino ez'oluvannyuma. Ekintu kye kimu kye Yasuubiza, Yokaana 14:12. Kaakati mulabeeyo . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Mazima ddala.

Abantu bagenda ne bakubuuza nti, "Ky'ogamba olina amaanyi?" Nedda, nedda, nedda.

317 Tulinga bali abaali ku Lusozi Olw'okufuusibwa, mukiraba. Mazima ddala, tetugamba nti tulina amaanyi. Naye, ffe, nga—nga bwe baali . . . Ku Lusozi Olw'okufuusibwa, baali tebagamba nti, Musa teyagamba, nti, "Mundaba, mulaba kyendi," n'abayigiriza tebaagamba nti, "mulabe kyendi, mulabe kyendi." Mumanyi ekyabaawo? Mulabeeyo, baalaba Yesu nga agulumiziddwa. Kye kyokka kye baali baagala okulaba nga kikolebwa, Yesu kugulumizibwa.

318 Era bwe kiri ne leero, tetugezaako kwefuula ba kitalo. Tetufaayo kiki abantu kye batwogerako. Amannya gaffe si y'ensonga; wabula Erinnya Lye. Obulamu bwaffe, tebulina kye buli; wabula Obulamu Bwe. Amaanyi Ge y'ensonga enkulu, so si maanyi gaffe. Era waliwo ekintu kimu kyokka kye twagala okukola, kwe kulaba nga Agulumiziddwa. Era kiyinza kubaawo kitya? Nga Agulumiziddwa mu ffe, olw'okuzuukira Kwe mu ffe. Tumulaba leero, nga Azzeemu okulabisibwa nga bwe Yali.

319 Ekyo mukitegedde? Mukiraba, kye tuyaayaanira okulaba si ffe kugulumizibwa. Kye tuyaayaanira okulaba si kwekolera linnya lya ttutumu. Kye tuyaayaanira si kutumbula kkanisa gundi, oba okutuuza abantu abangi ku Ssande, oba okugezaako okubaako be tuyingiza, ne tubasiba akandooya, ne tubawaliriza okuyingira, n'okubakolera akabaga, oba okubateerawo ebirabo ebibasikiriza okujja, oba ekintu eky'engeri eyo. Ekyo si kye tuyaayaanira okulaba. Kye tuyaayaanira okulaba kwe kulaba nga Agulumizibwa. Okugulumizibwa, (mu ngeri ki?) si mu malala gaffe; wabula mu ffe, mu bulamu bwaffe, okukakasa nti mulamu era mulamu mu ffe.

320 We nsobolera okwejja mu kkubo, William Branham n'aba nga talowoozebwaako yadde, nga naawe tolowoozebwako yadde, okutuusa lwe tulaba Yesu nga agulumiziddwa mu makkati gaffe. Ne tumulaba, ekyo kye tuyaayaanira okulaba. Ago ge- . . . ekyo kye kituwa Amaanyi agazuukiza. Era kituwa essanyu, okukimanya nti tuli Naye, nga omubiri

gwe n'amagumba Ge, nga tuli Mugole We; era nga tulaba enkola Ze ze zimu ezaakakasibwa, nga zirabisibwa mu ffe okulaga nti kaakano Azuukidde okuva mu bafu. Mukiraba?

321 Ky'ova olaba Yagamba nti, "Temutya", kubanga kati, mulabeeyo, Yatununula, era kati twazuukira wamu Naye. Ekyo Paasika ky'etegeeza eri abantu nti, "baazuukirira wamu Naye"! Mulabeeyo. Kaakano tulina Omwoyo We mu ffe, nga ekyapa eky'obwannannyini ekyasasulibwa mu bujjuvu.

322 Nedda, leka kugamba nti, "Kale, nsabirira mpangule." Wawangula dda. Si nti, "*Ndiwangula*." Wawangula dda. Si nze nnakikola; Ye yakinkolera. Mukiraba? Si nze; wabula Ye! "Naye, Ow'oluganda Branham, bagamba nti . . ." Ssifaayo ne bwe boogera ki. Ekyo Ye yakikola, ku lwange. Ekyo kyokka kye njagala, era kye nfaayo okumanya.

323 Nja—njagala kimu kyokka kulaba nga Alabisibwa. Onaakikola otya, nga omuyita Akke wansi? Nedda. Ali munda mu ggwe. Okiraba, Ali mu ggwe. "Kale, kati, Mukama, singa nsobola okwejja mu kkubo, Ojja kusobola okulabisibwa. Nze . . . Onaakikola otya? Kubanga bw'otyo bwe Wayagala okukikola. 'Abo bonna Kitange be yampa balijja.'" Mwekkaanye. Ekitiibwa!

324 Wamu n'obukakafu obwo bwonna bwe tukuŋŋaanyizza, obuli mu makkati gaffe enkya ya leero, ha, ndowooza ku luyimba olwo olugamba nti:

> Ku makya gali ag'amazuukira,
> Emiguwa gy'okufa bwe girikutulwa,
> Tulizuukira, (Aleruuya!) tulizuukira.

325 Ekyo mukikkiriza? Tulizuukira! Mu Ye tufuuka kitundu ku Ye, Paasika, ekyama kya Katonda ekibikkuddwa nga bwe kyali luli, eky'Obulamu oluvannyuma lw'okufa. Kaakano tuli balamu, ffe abaali baafiira mu bibi n'okwonoona. Akabonero ka Paasika akatuufu kakutudde okufa okubadde kunneetoolodde era kati ndi mulamu. Akabonero ka Paasika, ku lubereberye, kaamenya akabonero k'Abaruumi, Akabonero ka Paasika, ke baali bamutaddeko nga envumbo. Era abantu, bwe baafanga, ebyabwe byabanga bikomye; naye Yamenya akabonero n'abikkula ekyama. Era kati Katonda, nga akozesa Omwoyo We Omutukuvu, amenye akabonero akabadde ku bulamu bwaffe, era Kristo abikkuliddwa nti mulamu mu ffe, kubanga kati tuzuukiziddwa wamu Naye. Ha, muko ku muko!

> Tulizuukira, (Aleruuya!)
> Tulizuukira! (Amiina!)
> Ku makya ago ag'amazuukira,
> Emitayimbwa gy'okufa bwe girikutulwa,
> Tulizuukira, (Aleruuya!) tulizuukira.

326 O, temuli basanyufu! Ndi musanyufu nnyo! Emabega ddala eri, lumu ku makya bwe nnali mu kifo gye batereka amanda

agasimibwa mu ttaka, obubonero bwamenyebwa, ne nzuukira wamu Naye, nga ndi kitonde kiggya. Amaanyi Ge agazuukiza; Omwana avuddeyo.

327 Ebbanga si ddene eriyise, bannyumiza emboozi ekwata ku—musajja omuvubi. Waliwo omusajja eyajja n'abaako omuvubi gwe yapangisa amutwale bagende balobe ebyennyanja ku Lubalama lw'Ebugwanjuba. Ne basimbula ne bagenda ku olwo ku makya.

328 Bwe wabaawo abamu ku mmwe abaali bagenze okuloba ekyennyanja ekyo ekiyitibwa salumooni, nkakasa, mumanyi ekibaawo, olufu lukwatira ddala okukamala. Nnengera muganda wange, Eddie Byskal, erudda wali, omuminsani agenda eri Abayindi erudda eyo. Era twali tulobyeko ebyennyanja, ffembi, ku mbalama ezo.

329 Kati omuvubi ono teyalina bulungi bumanyirivu, nga bwe mumanyi. Yatwalirizibwa ogw'okuloba ebyennyanja, amayengo g'ennyanja ne gabawungula ne gabongerayo. Ne balinda obudde bukye, nga bwe mumanyi. Nga teba—nga tebakyawulira ddoboozi lya ŋŋombe ya lyato lyonna, omuvubi n'atya nnyo, n'agamba nti, "Bannaaye, amayengo gatutwala mu buziba bw'ennyanja! Eee!" Yenna n'atya.

330 N'amugamba nti, "Tuula wansi, mutabani. Tuula wansi." Omuvubi, n'asirika, nga bwe mumanyi. Yali amanyi ky'ayogerako. N'amugamba nti, "Linda enjuba eveeyo, tulabe gye tuli."

Oyinza okumbuuza nti, "Kati nnina kubeera Mumesodisiti? Mubaputisiti? Mupentekoote?"

331 Lindako. Omwana agenda kuvaayo, tujja kulaba wa we tuli. Ye Kigambo. Linda olabe Ekigambo nga kirabisibwa, nga kyaka ku Nsigo, Ekinywa eky'okuwuubibwa, tujja kulaba we tuli. Mumwagala?

332 Munsonyiwe okubalwisaawo ennyo bwenti. Bameka ku mmwe abagenda okusigalawo akawungezi ka leero? O, kale nja kukomawo nate, akawungeezi, ka leero, mulaba. Ku ssaawa nga emu? Obaddeyo n'omuntu omulala? [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Nedda."—Omuk.]

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

333 Waliwo omuntu yenna wano, oba abantu bonna, abatalina Maanyi gano agazuukiza mu mmwe? Omwana abaasengako, era mutuddenga mu kkuŋŋaaniro lino, muwulirizza entambi, naye nga Omwoyo tabazuukizanga kusobola kugoberera Kigambo kya Katonda, mmwe abakazi nammwe abasajja ne musobola okugoberera buli Kigambo kye Yawandiika! O, ekyo kintu kya bulabe nnyo. Watya nga oli nsigo nfu, nga toliimu Bulamu? Naye waliwo ekintu mu ggwe, ekikugamba nti, "Nja—njagala kugolokoka, enkya ya leero. Njagala kugolokoka nve mu mbeera

mwendi. Saagala kubeera nsigo nfu, kulekebwa mu ttaka na mu kasasiro. Njagala kugolokoka."

334 Osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba nti, "Nsabira, ow'oluganda"? Katonda abawe omukisa. Katonda abawe omukisa. Bannange, laba emikono; tewali ngeri ya kuyita bantu kujja ku wolutaali. Kye tuyita okuyita abantu okujja ku wolutaali, abantu we bajja ne beetooloola wolutaali, sitera nnyo, kukigenderako. Ekyo kyakagattibwa ku kkanisa jjuuzi wano mu nnaku z'okudda obuggya kw'Abamesodisiti. Mukiraba?

335 Bayibuli egamba nti, "Bonna abakkiriza," mukiraba, "ne babatizibwa." Wano waliwo ekidiba, ekijjudde amazzi, ekirindiridde omuntu yenna eyeeteeseteese okufa eri obutonde bwe obw'omubiri.

336 Kati, osobola okunnyikibwa, emirundi egiwera, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu; naye okuggyako nga ensigo eyo erimu Obulamu mu yo, mukiraba, Taligizuukiza. Nedda, nedda, nedda. Okubatizibwa mu mazzi, kulinga ssuulwe atonnya okuva waggulu; asobola okugwa ku nsigo, naye, ensigo eyo bw'etabaamu Bulamu munda mu yo, teyinza kuba nnamu.

337 Naye bwe kubeera okubatizibwa okwa nnamaddala okwo okw'amazzi, okw'okufa eri obutonde bwo obw'omubiri, nga weetegese okufa eri buli kintu kye wali oyigiriziddwa okuyita mu bikwate n'ebibiina by'amadiini, ebikontana n'Ekigambo, n'otambula nga omwana wa Katonda ow'obulenzi n'ow'obuwala, era nga okitegeeza mu mutima gwo, lindirira okubatizibwa okwo okw'amazzi kye kunaakukolera enkya ya leero. "Mwenenye, buli omu ku mmwe, era mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako okusobya kwammwe, ebibi byammwe, munaafuna Ekinywa, ekiweebwayo ekiwuubibwa. Munaafuna Amaanyi, Omwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe, n'abalala bonna. Eri emirembe gyonna, kyabwe."

338 Ayi Katonda Kitaffe, njo—njogeredde ebbanga ddene, era ntutte ebiseera by'abantu bingi, naye, ayi Mukama Katonda, tekiriiko kkomo. Kiringa mmwe ababeera balina okulekera awo ne mutambula ne mugenda, ne muwummulamu oluvannyuma ne mukomawo. Tuli mu nsi efa, mu bantu abafa; n'Obubaka obw'Obulamu, n'obukakafu obw'okuzuukira. Ayi Katonda omwagalwa, tulina akakisa ka mulundi gumu gwokka okubeera abantu abambadde emiri egifa, naye kiki ekiriddirira singa tuleka akakisa kano ne katuyitako?

339 Emitima gyaffe giri ku muliro; emmeeme zaffe zibuguumiriddde; olwa bano abazze. Era waliwo bangi wano abawulira Obubaka buno. Weewaawo, abantu nga ebikumi bibiri oba bisatu bayimusizza emikono gyabwe. Baagala kukkiriza, ayi Mukama. O, mazima ddala ensigo eyo si nfu, Mukama. Bandiyinzizza batya okuyimusa emikono gyabwe?

Waliwo ekintu ekiriwo. Ai Katonda, oyo ye muntu oli ow'edda, ye mukyala wa Yobu oli y'ayimiridde awo, nga agamba nti, "Ha!" Naye, ayi Mukama, leka Yobu, omukkiriza oyo, ayingire, enkya ya leero, afiire ddala, era aziikibwe wano mu kubatizibwa kuno okw'omu mazzi.

340 Empandaggirize eziva mu Ggulu, Ekigambo kya Katonda ekigamba nti Kijja kunaaza buli kibi era kikisangulewo! Obatizibwa okuyingira mu Linnya lya Yesu Kristo, kukola ki? Kuggyibwako bibi byo, ebibi bikuggyibweko mu Linnya lya Yesu Kristo.

341 Leka, nno, ayi Kitaffe, leka. . .Bwe baba balwadde, nsaba baveeyo nga bawonyezeddwa. Leka, bwe baba balema, baveeyo nga batambula wansi w'Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Bwe baba babadde boonoonyi, leka baveeyo nga banaaziddwa era nga balongoofu. Era bo nga enkola entuufu, bwe bayingira mu mazzi; leka Amaanyi gakke okuva mu Waggulu, Omwoyo Omutukuvu, gabeefuge, ayi Mukama. Gazuukize emibiri gyabwe egifa, olwo tuwulire ennimi empya eza nnamaddala, amaanyi ga Katonda, okwagala okutalojjeka, ekisa ky'okufa n'ekisa ky'okubeera omulamu; ne Kristo eyazuukira, n'Omubiri, Omugole omukazi amukiikirira ku nsi.

342 Ayi Kitaffe, babo. Bayimusizza emikono gyabwe. Ekigambo nkibuulidde. Kaakano, ayi Kitaffe, nkusaba, basembeze. Nkisaba, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

343 Mumwagala? Ssi mulungi nnyo? Oli mumativu nti oli kitundu ku mazuukira ago aga Paasika, nti wazuukira Naye? Yimusa omukono gwo. Oli kitundu ku kuzuukira okwo.

344 "Abaana bange abato," nga Pawulo bwe yandyogedde. Sigezaako kumugeegeenya, naye, okwagala, mbaagala. Mpaguza mu makubo aga buli ngeri n'ebintu ebya buli ngeri, okusobola okutuuka wano, okwogera gye muli. Mpita mu ddungu, ne nsomoka entuumu z'omuzira, n'ebirala, okusobola okutuuka wano. Tutambulira mu nnyonyi. Abamu ne muvuga emmotoka okuva mu bitundu gy'eggwanga eby'enjawulo, tusobole okusisinkana. Twagalana.

345 Buli omu kitundu ku munne. Temuganyanga Ssetaani okubagamba ekyawukana ku ekyo. Nga buli omu bw'ali kitundu ku munne, tuli kitundu ku Ye. Era tuli batuuze mu Bwakabaka bwe bumu, nga tunyumirwa wamu fenna, emikisa gino, egy'okuzuukira.

346 Era mu kaseera kano kennyini, labayo, mu kaseera kano kennyini wazuukira dda. Katonda bwe yamuzuukiza, naawe Yakuzuukiza. Kaakano Omwana akwakidde, era kati okula okutuuka mu Bulamu obw'okutojjera nga bwe Yali, okusobola okuzuukira mu bujjuvu ku lunaku luli olw'enkomerero. Obusobozi bw'ebyo by'osobola okukola, obulina kati. Omanyira ku ki? Emmeeme yo yakyuka, si bwe

kiri? Omubiri gwo gwakigondera, si bwe kiri? Gwagondera (ki, kkanisa?) gwagondera Kigambo, nga bwe Bulamu, kati awo kitegeeza wazuukira okuva mu bafu. Era kati Paasika, eri nze ne Yesu. Paasika eri ggwe ne Yesu. Era Paasika, eri ggwe, nange, ne Yesu. Ffenna . . . Manya, eri Yesu, ggwe, nange, ffenna tuzuukirira wamu.

347 Era tulizuukira ku lunaku olw'enkomerero, emyoyo gyaffe ne bwe giva mu mibiri gyaffe, emibiri ne bwe gikaddiwa, ne bwe giddayo mu kubeera enfuufu, ne bwe gyokebwa, ne bwe giba mu buziba bw'ennyanja. Bayibuli egamba nti, "Malayika n'ayiwa ekikye ku nnyanja, na buli ekyagirimu kyonna ekyali kyafa ne kivaayo." Tewali kintu kyonna kiyinza kutukweka, manya kutwawukanya, na Katonda oyo gwe twagala ennyo, oyo eyatuzuukiza.

348 Mukama abawe omukisa. Mbalwisizaawo nnyo wano. Abantu abo bwe baba bakyayungiddwa ku lukomo lw'essimu olwo, mazima ddala . . . nga basasula sente ataano buli ddakiika, mazima ddala basasudde ssente nnyigi ddala, enkya ya leero. Naye, nnabadde sisobola kulekera awo ku ssaawa eyo emu, nnabadde nnina okweyongerayo.

349 Kati, Mukama bw'anaaba ayagadde, nja kukomawo akawungeezi, nziremu njogerako gye muli. Naye bwe nnaaba sisobodde, mwenna mukimanyi . . . Ka nsuubire tetulina . . . manyanga tetuli ku . . . Tukyayungiddwa ku lukomo lw'essimu? Tetulina lukomo lwa ssimu kwe tuyungiddwa.

350 Mwenna mumanyi gye ŋŋenda, si bwe kiri? Ŋŋenda mu Afirika! Mmaze ekiseera ekiwerera ddala nga nkuba amasimu; mmaze emyaka egiwera nga ngezaako okuddayo. Naye kati nnafunye okwolesebwa, Omwoyo wa Mukama yataddewo ekkubo. Baagamba nti, bannansangwa abo bambi bwe baakiwulira, nti ku mulundi guli lwe nnaliyo ssaasobola kugendayo, beeyala ku ttaka emisana n'ekiro, ne basinda ne bakaaba, nga babuuza nti, "Twakola ki, Mukama?" nga bali mu nkumi na nkumi. Abantu abo tebakkiriza na kukkiriza nti balina emmeeme. Mukiraba? Naye bakaaba ne basinda, ne bakaaba.

351 Temubaako amawulire gonna ge mubatuusaako nga sinnagenda. Mbeegayiridde temukikola. Mukiraba, eby'ebbaluwa eyo empa olukusa okugendayo singa egeza n'etuuka ku baweeereza abo, babeera ba kunnyimiririzaawo. Nnina kugenda nga muyizzi. Nja kuyitira wa nnaabakyala eyajja n'ebyana by'eggaali z'omukka omusanvu mu lukuŋŋaana. Nnina okugenda njiggire mu matwale ge. Era okugendayo, paasipooti yange na buli kimu kyonna birina kulaga nti ŋŋenda kuyigga, so sigenda mu lukuŋŋaana lwa ddiini.

352 Ob'olyawo wajja kubaawo ow'oluganda an'jja okunsisinkana, ambuuze nti, "Lwaki totutegekerayo

olukuŋŋaana olutonotono?” Naye ebisaawe byaggwa okupangisibwa. Naye n’okukimanya tebakimanyi. Mukiraba? O, ekitiibwa!

353 Musabe okwagala kwa Katonda kuleme kuziyizibwa. Nti, emmeeme yange ebadddenga ekaaba ku lw’Afirika okuva lwe nnavaayo, nsobole okuddayo, era nkomewo n’obubaka obw’olukuŋŋaana olulungi gye muli. Ob’olyawo nnyinza obutaddamu kubalaba, okuva kati, okutuusa nga nkomyewo. Tujja kuba tugenda, mu nnaku ntono okuva kati, nga ennaku z’omwezi kkumi omwezi Ogw’okutaano. Munansabira?

354 Jjukira kino nti toyinza kumanya mitawaana giriyo, okutuusa nga otuuseeyo; abafumu ku buli ludda, ne ssetaani, ate temulowooza nti eky’okukola tebakimanyi. Mukiraba? Era bw’oyimirira mu maaso gaabwe, olina okuba nga weekakasa ky’oyogerako. “Naye mmanyi Oyo gwe nnakkiriza, era nkakasiza ddala nti Asobola okukuuma ekyo kye nnamukwasa okutuusa ku lunaku luli.”

Kati, waliwo ebiremba ebiri wano.

355 Ayi Katonda omwagalwa, nga Obubaka buno bubuuliddwa enkya ya leero, obw’okuzuukira, nange nga nnyimiridde wano, ayi Mukama, nga nkakasa okuyita mu Kigambo nti Amaanyi ago agazuukiza gali mu buli mwana akkiriza. N’olwekyo, olw’okukkiriza, mu kukkiriza, nti Amaanyi ago agakyusa gaakyusa obulamu bwange. N’abantu bano bakkiriza, ayi Mukama, era Gaakyusa obulamu bwabwe. Era tusabiragana.

356 Nteeka emikono gyange ku biremba bino, nti . . . Nga nsaba nti Katonda, Eyazuukiza Yesu Kristo n’amuggya mu bafu, nga n’Omwoyo oyo eyamuzuukiza okuva mu bafu, atudde mu mubiri gwaffe.

357 Omwoyo ayo eyali ku mubiri gwa Erisa, nti, ne bwe yafa nga tewali kintu kyonna kisigaddewo okuggyako amagumba ge, gaalimu Amaanyi agazuukiza mu go. Emikono gy’abatume gyalimu Amaanyi agazuukiza mu gyo. Ebirowoozo by’abatume, amaaso g’abatume, e—ennimi z’abakkiriza, byonna byalina Amaanyi agazuukiza.

358 Kaakano nsaba nti Amaanyi ago agazuukiza, nga bwe mbiteekako Ekigambo kino, n’emikono gyange okukiikirira nnannyini, Maanyi ago agazuukiza, olw’ekisa, nsaba Gazuukize buli gumu ku mibiri gino emirwadde, era nsaba bawonyezebwe, ayi Katonda, okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo.

359 Leka galeme guzuukiza biremba bino byokka, naye gakole ne ku bantu abali eyo mu kibiina, buli muntu yenna alumizibwa. Abaana abo abato, abakadde, n’abalala bonna, leka Amaanyi ago agazuukiza gabazuukize kaakano, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

360 Kati, bameka abalina Amaanyi agazuukiza? Kati muteeke emikono gyammwe buli omu ku munne, bw'oba olina Amaanyi ago agazuukiza munda mu ggwe.

361 Kati, waliwo ekintu kimu kyokka, ekisobola, okugaziyiza, nga ekyo bwe butakkiriza bwo. Omukazi yakwata ku kyambalo Kye, n'awona; omusirikale Omuluumi n'amuwandulira amalusu mu maaso, n'agenda mu ggeyeena. Mukiraba? Kale kyali kirina. . .kisinziira ku wa w'oli. Mukikkiriza? Mukikkiriza?

362 Kaakati njagala mukoteke emitwe gyammwe buli omu asabire munne. Sa—saba nga oyatula, gamba nti "Ayi Mukama, omuntu ono" . . .Okiraba, buli omu sabira munno.

363 Ayi Katonda omwagalwa, kino tukikola mu Linnya lya Yesu Kristo, Erinnya lyokka eryaweebwa abantu mwe tulina okulokolebwa oba okuwonyezebwa. Abantu bano, batuuze bannaffe mu Bwakabaka, balina obwannannyini ku Maanyi agazuukiza, Gazuukize gye bali, ayi Mukama, mu kaseera kano. Era leka Omwoyo ave ku mpungu emu nga adda ku mpungu endala, ave ku Kigambo nga adda ku Kigambo, okutuusa obujjuvu bwa Yesu Kristo lwe bunaalabisibwa mu buli gumu ku mibiri gino, ku lw'ebyetaago eby'omubiri, eby'omwoyo, oba ekyetaago ekya buli ngeri kye balina, nga bwe tussa emikono gyaffe buli omu ku munne. Mu Linnya erya Yesu Kristo.

65-0418M Kwe Kuvaayo Kw'Enjuba
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

Voice Of God Recordings

P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.

www.branham.org